AMAZZI AGABEERAWO
BULIJJO OKUVA MU LWAZI

Tuli basanyufu enkya ya leero olw'Okubeerawo kwa Mukama Katonda, kwe tutandise nakwo enkuŋŋaana ez'oku makya nga kutuwa obubaka, obutugambye nti—nti "tuwulirize, era twetowaze" mu maaso Ge, kubanga Alina ky'ayagala okutugamba. Nkakasa nga Ajja kukola ekyo kyennyini ky'Asuubizza. Bulijjo akuuma Ekigambo Kye. Kale tuli basanyufu okuba nti tukuŋŋaanye wamu, nga tuli balamu, ku ludda luno olw'Obutaggwaawo enkya ya leero, era ne tusobola okuddamu okusinza Mukama waffe, n'okukuŋŋaana awamu okuwulira okuva gy'Ali. Ekyo kye kitukuŋŋaanya awamu, lwa kigendererwa kino kyennyini.

2 Kati, Ow'oluganda Neville, leero, nnina engeri gye mmuguddeko, nga tansuubira, olw'ekirooto ekimu kye nnafunye. Nti . . . Nzikiririza mu . . . Nzi . . . mu birooto. Nzikiriza nti Katonda akolagana n'abantu okuyita mu birooto. Era nnaloota ekirooto ekitali kya bulijjo, okwosa ejjo. Ne nneeraba nga, ntambula ku ludda lw'akasozi, akasozi akamu, nga ŋŋenda mu kifo we baliira emmere we nnali nnina okulya e—eky'emisana. Era bwe nneetegereza, bwe nnasembera okumpi n'ekifo ekyo, baali bakuba ebivuga, waaliwo ekibinja ky'abakubi b'ebivuga abaali bakuba ebivuga, nga balina endingidi enzungu, nga bwe basanyusa abantu nga bwe balya. Naye waaliwo ekintu ekyaliwo kye ssaayagala, kye nnava mpitawo ne ssikyama kugendayo. Bwe nnayitawo ne mbaako omuntu gwe nnasisinkana nga alinnyalinnya akasozi kano. Okwetegereza obulungi, nga waliwo abantu bangi abalinnyalinya akasozi kano okugenda mu kifo kino we baliira. Naye ne mba nga abeeyawulako, ne nkyuka ne nzira ku ddyo, manyanga ku kkono.

3 Kati mu ngeri emu, emmanga mu kiwonvu, nnali nnengera ekkuŋŋaaniro lino. Ne mpulira eddoboozi ly'omuntu omu, nga agamba nti, "Genda osisinkane Ow'oluganda Branham mu masaŋŋanzira bwe gati. Akkirira nga ava ku kasozi waggulu eri. Era mugambe ekintu bwe kiti ne bwe kiti." Kye nnava nnyaguwako ntuuke mu masaŋŋaanzira ago.

4 Era omuntu oyo bwe yajja, yali Ow'oluganda Neville nga ayambadde esuuti ye eya kitaka, nga alabikira ddala nga bw'atudde awo amakya ga leero. N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, bw'oba onaabeerako mu kibuga," n'agamba nti, "kyandibadde ki—kirungi n'oggyako mu kkuŋŋaaniro, kubanga

Ow'oluganda Hank. . . " Kati, omuntu yekka gwe mmanyi, ayitibwa Ow'oluganda Hank, ye Ow'oluganda Henry Carlson, tutera kumuyita Hank. N'agamba nti, "Ayinza obutakiraba bulungi bw'otakyaaleko mu kkuŋŋaaniro emirundi egiwerako bw'oba ow'okubeerako mu tawuni, manyanga mu kibuga okumala ennaku entonotono." Ne nzuukuka.

5 Kati, ekyo bwe kyabaawo, nnina engeri etategeerekeka gye nneewuliramu. Nnabadde ssaagala kubagwaako mu kiseera ekyo ekya wiiki, kye nnavudde mbuuza Ow'oluganda Neville oba enkya ya leero alinawo enteekateeka yonna ey'enjawulo, gy'ategekedde ekkanisa. Naye n'aba wa kisa, nga bulijjo, n'agamba nti, "Jangu." Era bwe tutyo, ne tujja. Essimu nnagimukubidde jjo olw'eggulo, ku makya ga leero ne nnyingirawo, nga tewali n'omu ansuubira kuba wano.

6 Kati nzikiriza nga kinaaba kirungi, nsooke, mbeeko ne—ne bye mbannyonnyola. Ndi, muntu, abantu abasinga obungi gwe batategeera. Nga nange kennyini, sseetegeera. Kubanga, ngezaako nnyo ddala nga bwe nsobola, okugoberera okukulemberwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Era ekyo kitufuula abantu abatetegeerekeka, mukiraba. Oluusi tukola ebintu naffe bennyini bye—bye tutuula wansi ne twewuunya, "Ddala ekintu nga ekyo nnakola kyaki? Nnajja ntya okukola ekintu nga ekyo?" Ate mu kaseera ako w'okikolera oyinza okulowooza nti okoze ekintu kyennyini ky'obadde tolina kukola. Naye singa ogumiikiriza, n'obeera n'okukkiriza, nga oli mukakafu nti ddala Katonda y'akuluŋŋamizza okukikola, ojja kukizuula nti kiba kijja kutambula bulungi. Okiraba? Era emirundi mingi ekyo tukiraba. Era mmanyi nti Ow'oluganda Neville ekyo akizudde, emirundi mingi. N'abakulembeze b'abantu n'abantu ab'omwoyo ekyo bakitegeera.

7 Wayiseeewo ekiseera mu bulamu bwange nga. . . Eky'amazima, okuviira ddala nga nkyali kalenzi kato, ssiwuliranga kuluŋŋamizibwa kwa kubeera mu—mu Jeffersonville. Lubeerera kimbeereddenga kikalubo, okugezaako okubeera wano. Okusooka kwa byonna, embeera y'obudde enkola bubi. Ekirala, walabika nga awaliwo okunyigirizibwa mu mwoyo gwange.

8 Singa oddayokko emabega ne wekkaanya mu kiseera ekimu, bw'eba teyazikirizibwa mu biseera by'amataba, waliwo ebbaluwa ekwata ku nsonga eyo, gye nnawandiika, bwe nnali nnaakayitibwa mu buweereza, nnali ntandise okusenguka okuvaawo. Era Ow'oluganda George DeArk wamu nange. . .

9 Ne maama w'Ow'oluganda Graham Snelling, Ow'oluganda Hawkins addukanya ettundiro ly'amafuta mu New Albany, n'abantu abalala bangi, bansisinkana wabweru w'akafo akamu mwe twasabiranga. Ne baŋŋamba n'okuŋŋamba nti, singa nzikiriza okusigala, bajja kukendeeza ku mmere abaana baabwe

gye balya, ba—basobole okuzimba ekkuŋŋaaniro, baleme kuzunga nga bava muno badda muli.

10 Bwe nnawulira maama oyo bambi, eyali akutte omwana omu n'omukono gwe ogumu nga omulala amusitulidde ku mulala, nga agamba nti mwetegefu okukendeeza ku mmeere abaana be gye balya, okusobola okuzimba ekifo mwe basobola okusinziza, kyampitirirako ne mba nga sikyayinza kukigumiikiriza. Bwe tutyo nze Ow'oluganda George kye twava tukwatagana ne tusalawo okusigala tuzimbe ekkuŋŋaaniro.

11 Era ekkuŋŋaaniro bwe lyazimbibwa, lubeerera kyalabika nga . . . Ku makya lwe nnawongayo ekkuŋŋaaniro, wajja okwolesebwa, okwawandiikibwa ne kuteekebwa wansi awo mu jjinja ery'oku nsonda, Omwoyo Omutukuvu bwe yaŋŋamba nti, "Lino si ly'ekkuŋŋaaniro lyo." Mukiraba? Ne mbuuza ekkuŋŋaaniro lyange gye lyali, n'Antwala wansi w'ebire ebya bbululu abitukula be tukutuku. Okuva awo n'Aŋŋamba nti, "Kola omulimu gw'omubuulizi w'enjiri," n'ebirala, nga bwe mubimanyi. Bizze biwandiikibwako ne mu bitabo.

12 Ebintu ebyo byonna bw'obigatta awamu. Waliwo n'olunaku lumu nnali nsaawa omuddo mu luggya engulu eri kati Ow'oluganda Wood gy'abeera, mu kiseera ekyo nyazaala wange gye yali abeera; nnatuula ku madaala ag'emmanju, amadaala ag'enkokoto, ge nnali nzimbidde nyazaala wange mu kifo kino. Era ye yali ayonja ekkanisa mu kiseera ekyo, nga y'agirongoosa. Ne mpulira Eddoboozi eriwulikika obulungi ddala nga omuntu bw'ayinza okwogera naawe, ne lyogera nange, ne liŋŋamba nti, "Ssisobola kukuwa mukisa nga okyali wano. Oteekwa okweyawula ku bantu bo n'ekifo kino." Eky'amazima, ekyo, kyankutula, okumala wiiki nnamba oba n'okusingawo.

13 Bulijjo, ekiseera kyonna, wabaddengawo Ekintu ekindabula nga kiŋŋamba nti, "Vva wano, vva wano. Genda mu bugwanjuba. Weeyongereyo mu bugwanjuba." Kale, e . . . Kibaddenga kinteganya bulijjo. Era buli mulundi kirabikanga . . .

14 Kati, nnali nsazeewo mu birowoozo byange nti wiiki eno nja kulinnya ennyonyi ŋŋende e Tucson, gye nnali ŋŋenda mbeeko ekifo kye mpangisa, mbeere eyo mu kiseera kino eky'obutiti; nteeke abaana mu ssomero, okutandika n'omwezi gwa Ssebutemba. Ekifo nnali nkifunye. Waliyo n'ekifo kye baali bampadde. Naye waliwo ekintu eki . . . Ate—ate bwe ŋŋenda . . .

15 Ekintu ekirala kye njagala okwogera. Bwe twali tetunnazimba nnyumba eno wano, ey'obusumba, wano weeri kati, nnali ssaagala kuzimbawo. Nyazaala wange yali akaddiye. Era mukyala wange bambi kyamukaabya n'amaziga, n'aŋŋamba nti, "Siyinza kuleka maama wange wano, nga nkimanyi bulungi nti akaddiye, era ayinza n'obutafuna amulabirira." Eky'amazima, kye yali ayogera nange nnali nkitegeera. Nnali nkitegeera bulungi. Oyo ye maama we, era ye maama yekka

gw'alina, era gw'alibeera naye. Kale, nnali nkitegeera bulungi. Na bwe kityo nna—nnasaba Mukama, ne mmugamba nti, "Mukama, nga bwe kiri nti ekifo kino sikyagala," ne ŋŋamba nti, "ndeetera okumatira. Nja kugenda yonna gy'Oyagala ŋŋende, yonna yonna. Naye ssaagala kunakuwaza mukyala wange, kumuggya wano, kumutwala mu kitundu kipya gy'atalina muntu n'omu gw'amanyiiyo. Ate nga mbeera mu kutambula, buli kadde. Nkusaba ondeetere okumatira mbeere wano naye."

16 Era kati, maama we bw'amaze okufa, n'agenda mu Kitiibwa, kaakano okusindiikirizibwa kuli kuzzeemu ne kukomawo, mukiraba, okw'okuva wano. Simanyi kya kukola.

17 Kati ate ne luli enjigiriza eno ab'oluganda gye baali batandiseewo, nnayimirira ku kituuti omulundi ogwasembayo lwe nnali wano ne mbagamba nti sigenda kuddamu kubuulira njiri nga ekyo kikyagenda mu maaso. Era, ab'oluganda mu mutima ogw'ekisa ekyo baakitereeza. Byonna byagonjoolwa. Mu bbanga lya ssaawa abiri mu nnya, byonna byali biweddewo.

18 Kati ekyo kinzigulirawo oluggi okuddamu okubuulira enjiri nate. Ssimanyi kya kukola. Ssimanyi kkubo ki lya kukwata. Nsabye Mukama andage okwolesebwa. Mmusabye Ambulire eky'okukola. Naye Andese tannyanukudde.

19 Kati, ekiro kya jjo bwe nnaggyeewo abaana bonna, ne mukyala wange n'abalala bonna, okuva mu nnyumba, nnakoze obweyamo eri Mukama Katonda. Era nnagambye Mukama Katonda nti, "Bw'Onampa omukisa mu kkubo lye ŋŋenda okukwata, nja kukuweereza. Naye Olina okundaga wa gye mba ŋŋenda, ne bwe ŋŋenda okugendayo, ne kye nnaakola." Kale, nneewaddeyo eri Mukama. N'o—n'obuweereza bwonna n'ebirala, byonna nnabiwaddeyo eri Mukama. Ne ŋŋamba nti, "Wonna w'Onaggula oluggi, kyonna ky'Onaakola, eryo ly'ekkubo mwe nnaatambulira. Okutuusa nga Okozeewo ekkubo, ŋŋenda kugenda mu maaso nga bwendi okutuusa nga Okozeewo ekkubo." Era nnamusabye Akikole mu ngeri entangaavu obulungi nneme kulimbibwa, kuba amazima gali nti nzikiriza nti tuli mu masaŋŋanzira ag'ekintu ekikulu ekinaatera okubaawo.

20 Nkiwulidde wano enkya ya leero nga Ow'oluganda Neville akiragulako, manya nga akyogerako era nkitegedde nti obwo—bubadde bunnabbi bw'abadde ayogerako. Kati, n'olwekyo, mwenna mbasabidde, era nammwe nneetaaga munsabire, Omwoyo Omutukuvu asobole okunkulembera wa wennyini gye mba ŋŋenda, ne kye mba nkola, nneme kukola nsobi.

21 Olaba, emirundi mingi, abantu balowooza nti ekirabo eky'obunnabbi, nti Katonda amala gakugamba nti "*Wano* ŋŋenda kukuggyawo, nkuteeke *wano* eno. Kati jangu *wano* eno." Ebyo byonna tabikubuulira. Singa Abikubuulira, olwo oba na kukkiriza kwa ngeri ki okw'okuwangula? Okiraba?

Okiraba, akuleka n'oyimirira wekka, ku bubwo, n'okusinga omuntu omulala yenna. Mukiraba? Mwenna musobola okujja gyendi ne mubaako ebintu ebitali bimu na bimu bye mumbuuza, era Talina n'omu gwe Yali alemeddwa kwanukula. Bwe kiri. Weewaawo. Naye nze nsobola okubaako ebyange bye mmusaba, naye emirundi mingi Andeka awo, mukiraba, n'andeka ne ŋŋenda mu maaso ne nkiyingiramu.

22 We twogerera nnina ebintu bye nnina okukolako nga nze, n'okusalawo okutali kumu kwe nnina okukola. Naye kuno kusalawo kukulu nnyo, okutuusa nti siyinza kukukola okutuusa nga nkakasizza nti y'Ayogedde nange. Era si—si . . . Agaanye okumpa okwolesebwa. Andese bulesi awo. Kale ndi awo nga mulekwa, enkya ya leero, si—simanyi kkubo ki lye mba nkwata. Kale, ensonga ngiwaddeyo eri Mukama.

23 Era bwe nnaloota ekirooto ekyo, nna—nnawulira, nti nsaanye nkomewo wano ku kkuŋŋaaniro njira nnyamba ku W'oluganda Neville okutuusa nga waliwo ekintu ekirala ekibaddewo mu lugendo. Kale nja kubeerawo.

24 Nnabuuzizza Ow'oluganda Neville eddakiika ntono eziyise nti, "Ekkanisa etambula etya?"

N'agamba nti, "Etambula bulungi."

25 Era mpulira nti mukyalina ebirabo eby'omwoyo mu makkati gammwe, nga bikola, ebirabo eby'obunnabbi, n'o—n'okwogera ennimi, n'okuvvuunula ennimi, kye twakamala okuwulira eddakiika ntono ezaakayita. Era, ebintu ebyo bizimba nnyo ekkanisa.

26 Naye nnalowoozezza nti, oba oli awo akawungeezi ka leero nnyinza, Ow'oluganda Neville bw'aba . . . Omwoyo Omutukuvu bw'atatukulembera mu kintu kirala, akawungeezi kano nnandyagaadde okubeera ne . . . Mmwe mwenna, nga temunnafuluma enkya ya leero, muwandiike ebibuuzo mubireke wano, ekibuuzo kyonna ky'olina mu birowoozo byo, tusobole okutegeera ekkanisa ky'erowooza. Eyo y'engeri abasumba gye bategeera ekiri ku mitima gy'abantu. Kale buli omu ku mmwe alina ekibuuzo, kiwandiike okiteeke wano. Bw'oba tolina lupapula lwa—lwa kuwandiikako enkya ya leero, osobola okukiwandiika akawungezi, nga bukyali. Kale, nnandyagadde okubimalako, ekiseera ekimala, nga mbyekkaanya nsobole okubibaanukula okusinziira ku Byawandiikibwa.

27 N'ekirala Mukama bw'anaaba ayagadde, Katonda bw'anaaba nga bw'atyo bw'ayagadde, nnina kye nnabagambako wano gye buvuddeko, nti nnandyagadde okubabuulira ku Bubonero omusanvu obusembayo obuli mu . . . mu Kubikkulirwa. Kati singa tu . . . Obubonero obwo bwonna sisobola kububuulirako ne mbumalayo omwaka guno, kubanga kyetaagisa okutandikira ku ssuula ey'omu 6 ey'Okubikkulirwa, okutuuka ku—ku ssuula ey'e 19, okusobola okumalayo

Obubonero obwo. Naye obusatu oba obuna obusooka ku bwo kisoboka okubwanukula mu kawungeezi kamu, ndowooza, buli Kabonero nga katwala akawungeezi kamu.

28 Kati, ssinga tutegeera, mulaba, we twakoma mu Kitabo ekyo eky'Okubikkulirwa, Ekkanisa we yasitulibwa n'etwalibwa mu Kitiibwa, kati awo ebisigade biba bikwata ku Bayudaaya, tebikwata ku Kkanisa n'akatono. Bikwata ku ggwanga ly'Abayudaaya. N'olwekyo tulina okuddayokko emabega, okuva ku Kukwakkulibwa kw'Ekkanisa, ne tulaba . . . Wano tulaba ebigenda mu maaso mu kiseera ky'Obubonero obwo, n'ekiseera ky'Ekkanisa y'Ab'amawanga. Ekkanisa nga egenze; n'eggwanga lya Isiraeri, kiddayo ne kireeta Israeri okuva mu kiseera we kyabaleka, okutuusa mu kiseera kino kye tulimu; ne Masiya alijja, lwe balisembeza Masiya.

29 Kati mukitegeera? Ekkanisa eba etwaliddwa waggulu. Katonda yasooka n'akolagana n'Ekkanisa, Emirembe gy'Ekkanisa. Ekyo twakiraba. Awo Ekkanisa n'esitulibwa n'etwalibwa mu Kitiibwa. Okuva awo Omwoyo Omutukuvu n'addayo n'afuna Isiraeri, nga eggwanga. N'alireetera ddala okutuuka awo, nga Ekijjulo ky'Embaga bwe kigenda mu maaso, bw'amala n'abakomyawo nate ku nkomerero y'ekiseera ekyo. Nja kuba n'olubaawo lwange, nsobole okukuba ebifaananyi ebikinnyonnyola nga bwe nkiyigiriza, ekiseera bwe kiriba kituuse. Okuva awo Mukama waffe n'alyoka akomawo n'Omugole we, olwo Israeri ne balyoka balaba Omugole. Era, ha, nga kiriba kiseera kikulu nnyo!

30 Kati, nga kino tetunnakikwanaganya bulungi nga bwe kirina kuba, waliwo eky'okuyigako ekikulu ennyo ekyesittaza abaasomerera eby'eddiini n'abalala bangi, n'abayigiriza okuyita mu mirembe egizze gibaawo, n'abantu b'Ekkanisa ya Kristo wamu n'abo abajja okuwulira kino, nga ekyo, ze Wiiki Ensanvu eza Danyeri. Tulina . . . Tetusobola kweyongerayo kusukka awo mu Kubikkulirwa okutuusa nga tukwanagannyizza Omugole ne Isiraeri wamu ne Wiiki Ensanvu eza Danyeri. Era oba oli awo, Katonda bw'anaaba ayagadde, kale bw'Aliba ow'okwogera nange mu biseera eby'omu maaso, okubuulira ku Wiiki zino Ensanvu . . . manya, si Wiiki Ensanvu, wabula Obubonero omusanvu obusembayo. Kati ate ku Ssande ejja, nja kugezaako okuyigiriza ku Wiiki Ensanvu eza Danyeri, ku Ssande ejja, Mukama nga ayagadde. Era ekyo kijja kututeerawo omusingi, okutandika ku birala bw'Anaaba bw'atyo bw'atuluŋŋamizza. Kale, tujja kuzuula okuva awo okweyongerayo mu maaso.

31 Ow'oluganda Neville nange tujja kuba tukolaganira wamu ku kino, era nga tukola kyonna kye tusobola olw'okugasa abantu.

32 Kaakati, bwe tuddayo, tusabira abalwadde, ekyo bulijjo tuba basanyufu okukikola. Era oba oli awo nja kukikolanga mu buli

lukuŋŋaana, abantu bwe baba balwadde, okubasabira.

33 Sikyayagala kubeera na kumanya byama bya mu mitima gy'abantu. Mukiraba, kati kino kye kyabaawo. Ngezezzaako. Kati mmanyi nkoze ebintu ebitali bituufu; naye ngezezzaako okusemberera Katonda ekimala, ekiseera kyonna, eri Katonda, eyo y'engeri okwolesebwa kuno gye kubaawo, y'engeri gye kujjamu. Nga abantu babulwako n'ebintu byabwe, ne bankubira essimu, ne bansaba nsabe Mukama, mmubuuze gyebiri. Nga Yese ennyumbu bwe zaamubulako, abalenzi ne bagenda okunoonya nnabbi, n'abagamba nti ennyumbu zaali zizzeeyo eka. N'ebirala bwe bityo, ebyo byonna birungi nnyo. Naye bituuka ne bikuyitirirako, nga abantu bangi nnyo . . . Tebabeera bantu ba mu kitundu kimu nga wano bokka; naye babeera bava mu nsi yonna, mukiraba. Kale kituuka, kindeka nga nzenna nnyenjebuse, ne kikuleetera n'okubeera ku bunkenke buli kaseera, okutuusa lwe kyatuuka nga . . .

34 Era ekyo kye kyaleeetera ab'oluganda okutandikawo enjigiriza egamba nti, nze Mukama Yesu Kristo ayambadde omubiri. Ate tumanyi bulungi nti ekyo kiba kigenda kuyuzaayuza Obuweereza bwonna, kireete n'ekivume ku Kristo na ku buli kimu. Mukiraba? Kale eyo y'ensonga lwaki nnali nnina okubayuguumya n'amaanyi, okusobola okukiyimiriza bunnambiro, okubategeeza nti ekyo kyali tekivudde wa Katonda, ekyo kyali kivudde wa ssetaani. Mukiraba? Ate bantu balungi. Era kyalaga nti abantu abo baazaalibwa omulundi ogw'okubiri n'Omwoyo wa Katonda, kubanga, bwe baalaba Amazima okuyita mu Byawandiikibwa, baakomawo eri Katonda, mazima ddala, mukiraba, mangu ddala. N'olwekyo, ekyo kyalaga nti yali Ssetaani nga y'agezaako okubaako ne ky'akola abantu; bonna baali Bakristaayo, abatya Katonda.

35 Era kyaleetera bangi ku bo okuŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, kati tukulinamu obwesige bungi okusinga bwe twali tubadde nabwo."

36 Kubanga olaba, kiki, ku kirabo ekyo Katonda kye yampa, ddala biki bye nnandikikozesezza? Nnandireetedde eggwanga lyonna okunsinza, manya, abantu. Wano kye tuyita *eggwanga,* si ye "kosmos" eno efuga eby'ensi, o—obuganga bwa zi bbomu n'ebirala. Ntegeeza Abakristaayo, omukkiriza yennyini, oyo asingayo okuba omulungi nga olububi . . . Bwe twogera ku *ggwanga*, tuba tubuulira ku "bantu abaazaalibwa omulundi ogw'okubiri," ekyo kye tutegeeza bwe twogera, ku ggwanga. Ssi buli muntu ali wabweru eyo, ajjudde obugwagwa n'empitambi be tubeera nabo mu nsi, abo—abo nfuufu bufuufu ey'ensi ey'okuggwaawo. Njogera ku Bakristaayo abaazaalibwa omulundi ogw'okubiri, abantu nga Bakristaayo abannamaddala.

37 Waliwo omusajja ggwe nninze okuddamu okunnumbagana

ku nsonga emu. Waliwo eyajja gyendi gye buvuddeko, n'aŋŋamba nti, "Ekintu kyennyini, Kristo kye yakola eky'okuwanda ku ttaka, amalusu Ge, n'agatabula n'enfuufu n'akola ebisooto n'abisiiga ku maaso g'omuntu." Yagamba nti, "Nga kyali kya bujama, era kikyafu, Ye okuwandula, amalusu Ge okuva mu kamwa Ke! Nga tekyali kya buyonjo n'akatono, okuwandula mu nfuufu, n'atabula ebisooto ate n'abisiiga ku maaso g'omusajja."

Ne mmugamba nti, "Naye omusajja yakomawo alaba." Okiraba, ky'ekyo.

38 Naye omusajja y'omu oyo! Kati baggulawo ekifo abantu gye babeera obukunya okuliraana ewange, nga bwe mumanyi, ekidiba mwe bawugira. Era—era omusajja oyo alina tikiti eri buli omu ku baana be ebakkiriza okugenda okuwugira mu kidiba ekyo. Era ye wamu ne mukyala we, nabo, bagendayo mu kidiba ekyo. Bannyinaze, mbasaba munsonyiwe. Naye ekifo bwe kityo, abakazi nga kikumi, oba bibiri, gye bagenda ne bawuga buli lunaku; abakazi, obucaafu obwo bwonna n'ebintu ebya buli ngeri, n'abakazi nga bwe bali leero, ne banaabira mu mazzi ago, obucaafu obwo bwonna n'obujama obwo okuva ku mimwa gyabwe, nga bwe babimira ate bwe babiwanda. Nyabula njagala ajje annumbagane, olaba.

39 Baagamba mbu, "Singa—singa Kristo yaliwo mu biseera bino, bandimukutte olw'ekikolwa ekyo eky'obukyafu."

40 Kaakati ate *ekyo*? Nkakasa mutegeera kye ntegeeza. Bagenda ne beeyiwa mu kidiba ekyo, nga bangi ku bo balina endwadde, aba kabootongo, ab'enziku, n'endala eza buli ngeri, bonna ne beeyiwamu. N'obeera nga bw'omira amazzi bw'ogawandula okuva mu kamwa ko, n'ebirala bwe bityo, n'okuganaabiramu. Kati olwo, obwo bwe buyonjo?

41 Kale, ha, bannange, zino ennaku ze tulimu, ow'oluganda, mwannyinaze! Kiseera kya Kujja kwa Mukama waffe! Era Ekkanisa erina essuubi limu lyokka, era eryo kwe Kujja kwa Mukama waffe.

42 Kati, ebintu ebyo sisobola kubiyimiriza; tekyetaagisa. Bayibuli yabyogerako dda nti biribaawo. Nze sisobola kubiyimiriza. Naye njagala eddoboozi lyange libeereyo mu Ggulu, nti nnabivumirira, ekiseera ky'Omusango bwe kirituuka. Nsangibwe nga nnabivumirira.

43 Nkyakkiriza nti Bayibuli eno kye Kigambo kya Katonda. Na bwe kityo tewali kintu kyonna mu nsi, kikontana nayo, kiyinza kugiyimiriza. Wabula Bayibuli eno wano, gano ge Mazima, kino kye Kigambo kya Katonda. Kale kati leka tusse wansi amatanga ga—ga—gaffe, tusuule essika okumala akaseera tugira tuwummudde ku lubalama olw'emirembe olw'Ekifo eky'Okuwummula. Oba—oba oly'awo tunaasaabala enkya, naye kati leka tusuule essika tuwulirize Eddoboozi lya Kitaffe

ow'omu Ggulu nga bw'Anaayogera gye tuli okuyita mu Kigambo Kye, kye twesize, leero.

44 Era akawungeezi ka leero, kati, tegeka buli kibuuzo kyonna ky'oyagala okubuuza. Kati, si kintu ekigenda okubaako gwe kirumya. Ekyo bw'onaakikola, kijja kuba . . . Okusooka kwa byonna, ekyo siyinza na kukyanukula, olaba. Naye ggwe, *ekintu nga ka tugeze,* n'obuuza nti, "Kale, kati, bwe mbaako ekintu kye nkola, Katonda alina w'agamba nti kino kye tulina okukola?" Oba, nga bwe mumanyi, ebibuuzo ebyo ebitonotono by'olina ku mutima gwo. Oba, "Tulina ebirabo ebikolera mu makkati gaffe, Ow'oluganda Branham, kati tubikozese mu ngeri *eno* oba mu ngeri *eri*? Oba, tusaanye kubikolera ki?" Ekintu kye nsobola okukwanukula nga nsinziira mu Byawandiikibwa, okiraba. Kale mubeeko ne bye muwandiika. Nnaasanyuka. naye bwe muba temubirina, kale nnaabaako eky'okuyigirizaako kye nfuna, ne mbuulira gye muli akawungeezi ka leero, Mukama bw'anaaba ayagadde. Leero lwa Ssande, era mbadde . . .

45 Ssande ewedde nnali ŋŋenda ewa Ow'oluganda Cauble. Ne mpulira ekide ky'ekkanisa eno nga kivuga, ne ntambulatambula awo mu lujja. Nga ssisobola kukyebeera. Kyali kiwedde. Nnabawulira, era na—na—nnalina okujja wano.

46 Kale kati leka tukoteke emitwe gyaffe kaakano twogere n'Omutonzi waffe, okuyita mu kusaba. Waliwo omuntu yenna alina ekyetaago eky'enjawulo? Yimusa buyimusa emikono gyo, ogambe nti, "Ndi . . . " Leka kimanyibwe. Katonda amanyi ekiri ku mutima gwo. Kati ekyetaago kyo kikuumire ku mutima gwo.

47 Katonda Omutukuvu ennyo, Eyatonda Eggulu n'ensi okuyita mu Kigambo ky'akamwa Ko, n'ebirowoozo by'omutima Gwo, tujja mu Kubeerawo Kwo, okuyita mu Yesu Kristo, Mukama waffe, okukwebaza olw'ebyo byonna by'Otukoledde. Era tuli basanyufu nnyo gy'Oli, Mukama, enkya ya leero, okumanya wa we tuyimiridde, okumanya ekifo kye tulimu enkya ya leero, n'ebyafaayo by'ebiseera, n'ebiseera eby'omu maaso ebigenda okujja. Nga tumanyi olwa leero, nti olw'ekisa kya Katonda, twanaazibwa mu Musaayi gw'e Kalivaaliyo, nti tuli beetegefu, nga tulina okukkiriza mu mitima gyaffe, okumusisinkana ssinga Ajja olwa leero. Tusaanye okugamba nti, "Weewaawo, jangu, Mukama waffe Yesu."

48 Era tulaba ekibi nga kyetuuma, okutuusa lwe kirabika nga ensi etagala olw'amaanyi g'ekibi. Engeri gye banywa omwenge n'okukuba zaala, n'okubinuka amasejjere, n'okuyita obukunya, ne, Ayi Katonda, obugwaagwa, n'obukyafu n'empitambi ebiri mu bantu. N'engeri gye, singa babadde basobola okukitegeera, Mukama! Ddala abantu abo, abambala bwe batyo mu bugoye obwo obutaliimu kutya Katonda kwonna, ne bagenda ne batambula ku nguudo, ddala bakitegeera nti tebalina kye bali okuggyako okubeera ebiwuka n'enfuufu, nga weesanga ne mu

wiiki eddako omubiri ogwo gwe batiggisa okukamala gunaaba mmere ya biwuka? Ddala bakitegeera nti kalusejjera kajja kugulya, era nti emmeeme y'omuntu oyo eriba mu Butaggwaawo nga terina Katonda, terina Kristo, terina ssuubi, nga ebbira awatali ssuubi, nga erindiridde okusaanyizibwaawo mu Kujja Kwe? Ai Katonda, tusaba tuwe amaloboozi a—ag'okulabula, tusobole okulabula buli mmeeme ku kabi kano ke boolekedde.

49 Beera naffe leero. Tuwe "ebigambo eby'amagezi," nga Sulemaani bwe yagamba lumu mu kitabo ky'Omubuulizi, tubeere "abazimbi ab'amagezi," tubeere "abasumba b'ekkunŋŋaaniro lino." Era tusaba, ayi Mukama, nti nga bwe tunoonya ebigambo eby'okwogera, tusaba bibeere—bibeere ebisingirayo ddala okuba ebirungi bisobole okukwata ku mitima egiri wano egiri mu bwetaavu enkya ya leero.

50 Tetuzze kukuŋŋaana wansi wa kasolya kano akajjuddemu ebbugumu leero, nti abantu batulabe, naye tuzze wano kubanga tukwagala, era kuba tuyaayaana okuwulira okuva Gy'oli. Ggwe mwagalwa waffe gwe twagala, era tuyaayaana okuwulira Ebigambo ebiva gy'Oli. Tukwebaza olw'ebyo bye tuwulidde. Bijja kubeerera mu ffe ekiseera kyonna. Kaakano tuwe omugabo gwe Watutegekedde olwa leero, nga bwe tweyongera okukulindirira. Tukisabye mu Linnya lya Yesu, era ku Lulwe. Amiina.

51 Kati ki. . . [Waliwo mwannyinaffe ayogera mu nnimi, ow'oluganda n'avvuunula—Omuk.]

52 Tusiima nnyo okukubiriza kuno okuva eri Omwoyo, kututegeeza n'okutulabula okwegendereza Ebigambo oba oly'awo Omwoyo Omutukuvu by'agenda okwogera gye tuli olwa leero. Era tetumanyi kiki kyennyini ky'Atutegekedde, naye tumanyi nti wateekwa okuba nga waliwo ekintu ky'Agenda okuleeta. Oba oli awo olina ekibuuzo mu birowoozo byo, nga Anaakyogerako okuyita mu bigambo ebyo. Ayinza okukyogerako okuyita mu Bubaka buno enkya ya leero. Ayinza okukyogerako akawungeezi mu lukuŋŋaana. Ye, awantu awamu olwa leero, kirabika nga, Agezaako, okubaako omuntu gw'alabula okussaayo omwoyo okukwata Ebigambo ebyo.

53 Kaakano okudda eri Ekigambo ekiri mu buwandiike, leka tubikkule mu Kitabo ky'Okuva, olw'Eky'okuyigiriza Ekikulu ekya Ssande.

54 Mulina okubatiza? [Ow'oluganda Neville addamu nti, "Nedda, tujja kuba nakwo ku ssaawa kkumi na bbiri ez'akawungeezi."—Omuk.] Nedda. Okubatiza kwa kubaayo ku ssaawa kkumi na bbiri leero akawungeezi.

55 Leka tubikkule mu ssuula ey'e 17 ey'Okuva, tutandikire ku—ku lunyiriri olw'o 5, nzikiriza, olunyiriri olw'o 5, ne olw'o 6, ez'essuula ey'e 17 ey'ekitabo ky'Okuva.

Mukama n'amugamba Musa nti, Yita mu maaso g'abantu, otwale wamu naawe ku bakadde ba Isiraeri; n'omuggo gwo, gwe wakubya omugga, ogukwate mu mukono gwo, ogende.

Laba, nze naayimirira mu maaso go . . . eyo ku lwazi ku Kolebu; naawe . . . olikuba *olwazi, amazzi ganaavaamu, abantu banywe. N'akola bw'atyo Musa mu maaso g'abakadde ba Isiraeri.*

56 Kati lino bwe mba wa kuliyita Ssomo ekkulu erya Ssande, guno gwe nnandyagadde okukozesa nga omutwe gw'eky'okuyigako ky'enkya ya leero, *Amazzi Agabeerawo Bulijjo Okuva Mu Lwazi.*

57 Tukimanyi nti Isiraeri bulijjo ebaddenga kyakulabirako mu byafaayo by'ekkkanisa. Kubanga, Isiraeri baali bantu ba Katonda okutuusa lwe baafuluma Misiri, olwo ne bayitibwa ekkanisa ya Katonda kubanga baali baawuddwa okuva ku balala mu nsi.

58 Era naffe bwe twawulibwa okuva ku balala mu nsi yonna, olwo lwe tulyoka tufuuka ekkanisa. Naye kasita tuba nga tukyetabise wamu n'abalala ab'omu nsi, tuba tetunnabeera mu kkanisa. Kati nzikiriza nti ekyo kinnyikidde munda ddala mu buziba, era kituuse mu kifo kyakyo. Mukiraba, tetuba kkanisa okutuusa nga twawuddwa ku nsi. Tweyawule, muve mu bantu abatali balongoofu, temukolagana nabo, era temussa kimu mu bibi byabwe. Temwegattanga na batakkiriza, naye mweyawule ku bintu by'ensi.

59 Kati Isiraeri bwe baali e Misiri, baali bantu ba Katonda. Oluvannyuma bwe baayitibwaayo, oba bwe baavaayo, ne bafulumayo, olwo ne bayitibwa ekkanisa, kubanga awo baali beyawudde ku basigadde bonna ab'ensi.

60 Era ekigambo kyennyini *ekkanisa* kitegeeza "abaayitibwayo." *Okuva*, "okufuluma." Buli omu ku ffe, nga Abakristaayo, tubadde n'okuva mu bulamu bwaffe. Tulina ekiseera lwe twayitibwa okuva mu banywanyi baffe, ne tuyitibwa okuva mu bantu olumu bwe twassanga ekimu, ne tufuuka abantu ab'enjawulo, okutambula n'abantu ab'enjawulo abeeyisa mu ngeri ey'enjawulo era aboogera mu ngeri ey'enjawulo. Okwo kwali kuva mu bulamu bwaffe.

61 Kyali kyakulabirako kirungi nnyo Israeri kye yatuwa, Katonda bwe yabayitayo. Baabeera n'okuva, ne bava mu—mu bantu b'ensi, ne bafuuka eggwanga eryawuliddwa, eri Katonda, abantu ab'envuma. Baatambuliranga wansi w'ebisiikirize eby'entebe ey'okusaasira. Baabeerangawo era ne bakulemberwa Empagi ey'omuliro ey'ekitalo. Era Katonda yabakulembera n'abaggya e Misiri, n'abatwala mu nsi gye yali Yasuubiza.

62 Era, mu kuva kuno, baaweebwa omukulembeze ow'omwoyo, omukulembeze, nga ye yali Musa, nnabbi ow'amaanyi eyali

yafukibwako amafuta eyali o—omusajja ow'ekitalo. Yali musajja atya Katonda, yazaalibwa nga musajja atya Katonda. Katonda yamuyita nga akyali mu nnyina, n'ekiseera ekyo bwe kyali tekinnatuuka; Katonda yali yamwawula nga n'ensi tennatondebwa, okubeera omukulembeze eri omulembe ogwo, okuleeta okuva kuno eri abantu.

63 Jjuuzi wano, nnayogerako eri abaana abato aba wano mu kkuŋŋaaniro, ne mbaako obubaka obumpimpi bwe nnababuulira; ne mbanyumiza, manyanga ne mbawa ekifaananyi ekitonotono ekiraga nga Yekobedi, bwe yasaba, ye ne Amulaamu, taata wa Musa, nga basaba wabeewo ekikolebwa ku nsonga y'okununula abantu. Era Amulaamu n'alaba okwolesebwa nga Katonda ayimiridde, manyanga Malayika, nga asonze mu mambuka, n'amugamba ekyali kigenda okubaawo. Bwe waayita ekiseera omuto Musa n'azaalibwa. Era tebaatya biragiro bya kabaka, wadde okutiisibwatiisibwa. Baali bakimanyi bulungi nti Katonda omukono Gwe gwali ku Musa, era ekyo kyali kimala. Bwe kiri. Kabaka ne bwe yayogera ki, bannabyabufuzi ne bwe baayogera ki, oba omuntu omulala yenna kye yayogera, baali bakimanyi nti Katonda omukono Gwe gwali ku Musa. Kale bali tebaatya kumuwaayo, wakati ddala mu zi goonya; ezaali zibwegedde olw'okulya abaana Abaebbulaniya, be baawaayo eri zi goonya zibalye. Ate nga Musa baamuteeka mu kabaya ne bamusindkika wakati mu zi goonya, wakati waazo wennyini. Kubanga, baali tebalina kye batya, baali bakimanyi bulungi nti Katonda omukono Gwe gwali ku Musa.

64 Kale, kati, naffe ssinga tutegeera ekintu kye kimu ekyo, nti Omukulembeze waffe ow'amaanyi, Omwoyo Omutukuvu, nti Katonda amutumye, era Ye Mukulembeze waffe, ensi ne bw'eyogera kiki kyonna, ne bwe bakusekerera batya n'okukujerega ne bakujerega, ffe tugoberera Mukulembeze waffe! Katonda yatuma Omwoyo Omutukuvu abeere Omukulembeze waffe. Mukiraba? "Esigadde akaseera katono ensi obutandaba nate. Naye mmwe mulindaba, kubanga Nja kubeera nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'ensi." N'olwekyo, Omukulembeze waffe ow'amaanyi ali naffe, Omwoyo Omutukuvu. Kati tuteekwa okugoberera Omukulembeze ono era ne tukola ekyo kyennyini ky'Atugamba okukola. Era Omukulembeze ono talituwabya kutujja mu kkubo, Ajja kutukuumira mu kkubo lya Byawandiikibwa mwennyini ekiseera kyonna. Naye taliwugulwa kudda ku ludda *olumu* olw'ekintu gundi, oba ku ludda *luno* olw'ekintu gundi. Ajja kunywerera mu kkubo lya Byawandiikibwa mwennyini.

65 Era Musa yalina ekkubo lye yalina okugoberera mwe yalina okuyisa Isiraeri, era aligoberere asomoke Ennyanja Emmyufu, asomoke Yoludaani, okutuukira ddala mu nsi ensuubize, okuyita mu ddungu. Musa si ye yava mu kkubo. Katonda si Ye yava mu kkubo. Abantu be baava mu kkubo, era ekyo kye kyaleeta

omutawaana. N'olwekyo, leka tulowooze ku bintu bino kati. (Munsonyiweko.)

66 Musa, nga omukulembeze eyafukibwako amafuta. Ku nkomerero ya byonna, nga alaze abantu, okuyita mu bubonero n'ebyewuunyo, ebyali bisobola okukolebwa Katonda yekka, yakola obubonero buno n'ebyewuunyo mu maaso g'abakadde ba Isiraeri, ne mu maaso ga Isiraeri, okutuusa lwe baggwaamu akakunkuna nti Musa ono ye yafukibwako amafuta eyali ow'okubafulumya mu ggwanga lino, abatwale mu nsi ennungi gye baasuubizibwa. Era bwe baalaba ebintu bino eby'amaanyi Musa bye yakola mu linnya lya Katonda, baali beetegefu okumugoberera. Bw'atyo n'abafulumyayo, n'abakulemberamu n'abayisa mu Nnyanja Emyufu, ne bagisomoka, nga bayita ku ttaka ekkalu, ne bayingira mu lugendo lw'omu ddungu, ekitegeeza ekiseera eky'okugezesebwa.

67 Omuntu bw'asembeza Kristo okubeera Omulokozi we, buli kimu kiba kimutambulira bulungi. Naye, nga omusajja ono tannayingira mu kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, omuntu ono, ateekwa okuyita mu mutendera ogw'okutukuzibwa. Ateekwa okufuna ekiseera eky'okugezesebwa mu bulamu bwe. Ekiseera ekyo mmwena mwakiyitamu. Yayita mu kiseera kino eky'okugezesebwa. "Buli mwana ajja eri Katonda, ateekwa okusooka okukubibwa, okukangavvulwa, okubonerezebwa. Era bwe tulemwa okugumira okukangavvulwa, kiraga nti tetuli baana ba Katonda; tuba tuli baana abeeboolereze, tetuli baana ba Kaatonda," Bayibuli bw'egamba. Naye bwe tugumira okukangavvulwa, nga tukimanyi nti "ebintu byonna bikolera wamu ku lw'obulungi eri abo abaagala Katonda," olwo tuba baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala, era Atussaako akabonero ak'Omwoyo Omutukuvu okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwaffe. Mukiraba, okwo kwe kukangavvulwa, obulumi, ebintu bye tuyitamu.

Era Israeri nga ekifaananyi eky'ebyafaayo, baalina okufuna okukangavvulwa kuno.

68 Kati, bwe baali emmanga mu Misiri, Katonda n'atuma Musa. N'agolola omuggo, enkukunyi n'ensekere ne bibuna wonna ku ttaka. N'agugolola eri enjuba, n'ezikira. N'agugolola eri amazzi, ne gafuuka omusaayi. Nga, Isiraeri bo baali mu Kanani . . . baali eri mu—mu Goseni, nga balina akaseera akalungi ennyo; enjuba teyazikirako, kawumpuli teyabakubako; kubanga, baalina akaseera akalungi ennyo!

69 Nga naawe bwe wali nga waakalokoka. Buli kintu kyonna, ebinyonyi byali biyimba mu ngeri ya njawulo, nga buli muntu mulungi. Era, ha, bannange, buli kimu nga kyali kitambula bulungi bwe wali waakalokoka! Oluvannyuma ne wajja ekiseera eky'okugezesebwa, ekiseera eky'okukangavvulwa, ekiseera eky'okutukuzibwa, nga weetukuza okuva mu bintu by'ensi,

“nga oteeka ku bbali obuzito bwonna obwanguwa okukutega.” Ggwe, omusajja, walina okulekera awo okufuuweeta sigala, n’okulekera awo okunywa omwenge, walina okulekera awo okugenda mu bifo gye bazannyira puulu, ne mu bubaga bw’okuzannya amatatu okukeesa obudde. Ebintu ebyo byonna, walina okwetukuza obiveemu, okuyita mu kukkiriza mu Musaayi gwa Yesu Kristo. Okwetukuza! Mmwe abakazi mwalina okuleka enviiri zammwe zikule, mwalina okuwanvuya ebiteeteeyi byammwe, n’okweyisa mu ngeri ey’enjawulo ku gye mwali mweyisaamu. Ekiseera eky’okutukuzibwa! Emirundi mingi basobola okujeema ne baddayo; kati, oyo tabeera mwana wa Katonda, olaba. Omwana wa Katonda atunula butereevu e Kalivaaliyo, era akitegeera nti kikolebwa ku lwa bulungi bwe.

70 Kale nno omutendera ogwo ogw’ekiseera ekyo, awo okugwa okunene we kwabeererawo, mu Israeri. Oluvannyuma lw’ekiseera kino eky’amaanyi eky’enkumuliitu y’abantu, ate kati abantu ne batandika okugwa, erudda n’erudda. Era mu mboozi zaabwe baatandika okugamba nti, “Kale, singa tubadde Misiri. Emmeeme zaffe zeenyiyiddwa emmere eno ey’oluwewere.” Mu ngeri endala, bwe mba wa kukinokola kusinziira ku kiseera kiri, bwe batyo bwe baayogera.

71 Kati leero, kyandibadde nti, “Ye abaffe, buli Lwakusatu akawungeezi, lukuŋŋaana lwa kusaba! Buli Ssande ku makya, kuddayo ku kkanisa! Naye biki bye tuwulira? Kintu kye kimu; omubuulizi ayimirira n’abuulira; ne tuyimba ennyimba; ne tuddamu ebintu bye bimu.” Olaba, kati awo ggwe obeera ogenda kutuusa butuusa mukolo. Toli musinza. Omusinza agendayo kusinza, kweyabya mu maaso ga Katonda we, kutendereza Katonda olw’obulungi Bwe; era yeekwata ku buli Kigambo, n’akinywererako.

72 Kiringa abaagalana. Ssinga obeera mu kwogerezeganya n’omuwala nga okikola kubanga buvunaanyizibwa bw’olina okutuukiriza, oba ggwe omuwala eri omulenzi, nga mukyali bato. “Maama ayagala ŋŋende n’omuvubuka ono, naye amazima gali nti embeera ze ssizisobola.” Tolina ky’ojja kuganyulwa mu kukyala kwe okujja okukulaba. Oba, bwe kiba nga omuwala y’awulira bw’atyo eri omulenzi, oba omulenzi eri omuwala. Weewaawo akwogereza, naye akubowa; maama ayagala ogende naye kubanga ye kika ky’omuwala maama gw’ayagala. Olaba, bikubowa; tewali kwagalana. Naye tofaayo, toyagala kwerongoosa, toyagala kugenda kumusisinkana. Era kya . . . Eky’amazima, kintu kibi nnyo. Era bw’ajja okukulaba, bannange, owulira nga oyagala ayanguweko, addeyo ewaabwe.

73 Bwe kityo bwe kibeera naawe bw’ogamba nti, “Lwaki alwaawo nnyo nga abuulira? Kati *bino* byonna byaki, na buli kimu?” Olaba, toli mu mukwano.

74 Naye bw’onywerera ddala ku buli Kigambo, nga Omwoyo

bw'abalabudde enkya ya leero, olaba, "Mwenyereze ku buli Kigambo." Ayinza okuba nga ky'Abadde abagamba. Okunyweza! Buba Bulamu Obutaggwaawo, buli Kigambo kya Katonda. Liba ssanyu okugenda ku kkanisa, mu buli mbeera yonna. Oba akasana keememula, oba waliyo obunnyogovu, oba owulira nga atayagala, oba abantu bakaayana, batolotooma, kyonna kye bakola, lisigala ssanyu okuwulira Ekigambo kya Mukama. Awo obeera oli mu mukwano ne Kristo, okiraba, oyagala okugenda ku kkanisa.

75 "Kati nno, mukwano, olwa Ssande nate era lutukeeredde, tulabika tulina okunaaza abato tuddeyo nate era. Bannange, bitama!" Olaba, awo oba toli mu mukwano.

76 Naye bw'oba nga ddala oli mu mukwano, obeera weesunga olwa Ssande ku makya we lunaatuukira, nga owulira weesunga okugenda obasisinkane. Era tufuna, n'okuvaawo. . . Abantu ba Katonda, babeera tebakumalaako mirembe. Kubanga, babeera—babeera baganda bo era bannyoko. Nga bwe nnateranga okwogera nti, "Mwenna mwekwata wamu kitole nga akaloddo k'Omuwemba ku makya nga obudde bunnyogovu." Akaloddo ako teka—tekasaanuuka, kaba keekutte wamu, omanyi, kekwata wamu kitole. Kati, eyo si kyakulabirako kirungi, naye ku—ku—kugezaako kulaba nti mutegeera kye ntegeeza, mukiraba. Mwekwata wamu kitole. Era obunnyogovu gye bukoma okweyongera, gye gukoma okweyongera okwekwata awamu. Era naffe bwe tulina okuba. Obunnyogovu gye bukoma. . .

Nga mikwano gyo ab'oku nsi bakwabulidde,
Yongera okumwekwatako!

77 Era ekitwagazisa, bannaffe, si lwa kuba tulina eky'amaanyi kye tuli; wabula Kristo ali mu buli omu ku ffe, gwe twagala, mukiraba. Katonda oyo ali mu ffe, gwe twagala. Kati twagala okukuŋŋaana awamu. Twayimbanga oluyimba olw'edda olugamba nti:

Kiweebwe omukisa ekisiba ekyo ekisiba awamu
Emitima gyaffe mu kwagala okw'Ekikristayo;
Okussa ekimu okw'abantu ab'endowooza emu
Kulinga kuli okwa Waggulu. (Mukiraba?)

Okussa ekimu okw'abantu ab'endowooza emu
Kulinga kuli okwa Waggulu.

Bwe tubeera mu maaso g'Entebe ya Kitaffe,
Tuwaayo okusaba kwaffe n'obumalirivu;
Okutya kwaffe, essuubi lyaffe, ebigendererwa byaffe byonna bye bimu,
Okubudaabudibwa kwaffe wamu n'ebitweraliikiriza.

78 Mukiraba? Yee, ssebo! Omu ku ffe bw'aweebwa omukisa, ffena tukisanyukira. Omu ku ffe bw'anakuwala, ffena

tunakuwala naye. Twa—twagala ffenna tubeere wamu. Kati bwe tutyo bwe tuteekwa okuba.

79 Era ne Isiraeri bw'etyo bwe yalina okuba. Naye kyabafuukira omugugu ne batandika okugamba nti, "O, emmere eno etakkusa ey'oluwewere!" Emmere ya Bamalayika, "Kati, ffe eno emmere etakkusa ey'oluwewere tugyagaza ki? Emmeeme zaffe zeetamiddwa ebintu bino! Na buli kimu kikyamu. Ye omuntu nga alabye ne—ne emmaanu eno etonnya buli kiro, ffe waakiri, tulya katunguluccumu ne wujju eby'Emisiri." Mukiraba, emitima gyabwe gyali tegyetegekedde lugendo.

80 Era omusajja oba omukazi ssinga atandika okwemulugunyiza okugenda ku kkanisa, nga okugenda ku kkanisa kumukooya, abeera tannaba kuba mwetegefu kubeera mu lugendo. Bwe kiri. Waba waliwo ekikyamu awantu awamu.

81 O, bwe muba nga mwagala Katonda, nga mulina endowooza egamba nti mwenna mugenda mu Ggulu, era nga mwenna mutambulira wamu:

> Nga kuba kussa kimu, nga liba ssanyu ery'Obwakatonda,
> Okwesigama ku mukono ogw'emirembe n'emirembe;
> Ha, nga mirembe egy'omukisa nga Mukama wange andi ku lusegere,
> Nga nneesigamye ku mukono Gwe ogw'emirembe n'emirembe.

Nga . . . Ennyimba ezo tuziyimba.

> Tugabana ennaku yaffe,
> Ne twetikka buli omu emigugu gya munne;
> Era emirundi mingi buli omu ku lwa munne
> Tukulukusa amaziga ag'okusaasira.
>
> Bwe twawukana,
> Kituleetera obulumi munda;
> Naye tujja kusigala nga tuli bumu mu mutima,
> Nga tulina essuubi okuddamu okusisinkana mu kiseera ky'olukuŋŋaana lw'okusaba oluddako. (Yee, ssebo, tusigala tuli bumu mu mutima!)

82 Kati awo obeera weetegekera olugendo, okiraba, weetegeka okugenda mu Nsi ensuubize. Ebiseera eby'okugezesebwa, ekyo ky'ekifo awali embeera enzibu; eddungu, ebiseera eby'okugezesebwa.

83 Israeri, mu kiseera kyabwe eky'okugezesebwa, baatandika buli omu okuyomba ne munne n'okuneneŋŋana, n'okwetamwa omugaati. Ne baagala n'okuddayo e Misiri.

84 Ekyaddirira ne batandika n'okwemulugunya ku mukulembeze waabwe. Ha, baali batidde nga balowooza nti yali

abawabya; kyokka nga yali amaze okubalaga nti mukulembeze, nga ne Katonda akakasizza nti ye yali omukulembeze. "Naye, twandiba nga tweyisaamu nga abazoole. Era—era oba oli awo twandiba nga twawaba, ne tukwata ekkubo ekkyamu," oba, ekintu ekifaananako bwe kityo, mukiraba, baali beemulugunya ku Katonda ne Musa, Katonda n'omukulembeze We.

85 Kati naffe bwe tutuuka mu mbeera, nga tugamba nti, "Ssimanyi oba nga ddala *Kino* Ekigambo kye kitegeeza, oba nedda," era, "Simanyi bikwata ku Mwoyo Mutukuvu; Ebyo mbyekengeramu. Mmanyi abalala tebabyekengera." Kati awo, genda e Misiri. Olaba?

86 Naye bw'oba nga ddala omaliridde okusigala mu lugendo, nywerera ku Mukulembeze ono, Omwoyo Omutukuvu, nywerera ku Kigambo. Era bw'onywerera ku Mwoyo, ajja kukukuumira mu Kigambo. Bwe kiri. Ajja kukukuumira mu kkubo, ekkubo ery'Ekigambo. Era tomutya. Tajja kukulumya n'akatono, Ajja kukuyamba buyambi nga olumiziddwa. Ajja kuwonya okulumizibwa kwonna, Omwoyo Omutukuvu ajja kukikola.

87 Kati tukiraba nti, mu lugendo luno, nga bamaze okubeera bwe batyo, baatuuka mu kifo ekiyitibwa Kolebu. Era K-o-l-e-b-u, Kolebu, era tukizuula nti. . . Leka tumenyeemenye erinnya eryo. Eyo y'e—erinnya *Kolebu* litegeeza "ekifo ekikalu" oba "eddungu."

88 Era naffe bwe tuva mu kussa ekimu ne bannaffe mu kkanisa, ne tuva mu kussa ekimu n'Omwoyo Omutukuvu, kituteeka mu kifo ekikalu, eddungu, nga tewakyali kintu kyonna kiramu, nga buli kintu kiriko amaggwa. Olaba, e—eddungu, akatundu k'ekimera ekiyitibwa engabo ya kabaka nga kaliko eriggwa. Eriggwa eryo mubadde mumanyi kye liri? Ako kakoola akatono akagonvu akalungi akamaze ebbanga nga tekafuna mazzi, ekikaleetedde okwefunya ne kafuuka eriggwa. Era bw'olaba omuntu ali bw'atyo, oba oli awo omuntu oyo mmeeme ey'omuwendo nga ssinga efukirirwa amazzi mu ngeri entuufu, kandibadde akakoola akalungi akagonvu oba ekintu bwe kityo. Naye mu kifo ky'okubeera ekyo, konna keefunnyizza okutuusa lwe kafuuse eriggwa, ne kaba nga kati kalina kufumita buli kintu, nga bwe mumanyi, nga kanoonya ensobi. Naye nga keetaaga ekintu kimu kyokka mazzi. Ky'ekyo kyokka. Keetaga kimu kyokka ku—kudda buggya, oba kumenyebwamenyebwa, keetaaga kuddaabululwa kuva eri Mukama. Kajja—kajja kweyanjuluza kokka, bw'onaakateeka awali amazzi.

89 Naye, kati awo w'osanga nti abo ababeera mu mbeera eyo babeera balina okubonaabona olw'embeera ezo. Era abo abaagala okubeera mu mbeera ey'ekika ekyo, nga buli kimu kyonna kulwanagana na kunenеŋŋana, na kuyomba na kwecwacwana bwe batyo, kale, weewaawo eyo y'embeera mwe

munaabeera, ky'ekyo. Naye eyo si y'embeera mwe tetulina okubeera, tetwetaaga kubeera mu mbeera kika ekyo.

90 Kaakati, ekifo kino Kolebu ky'ekifo abantu we baamaliramu Katonda amaanyi, kubanga baatambula ne babungeetera mu kifo kino ne batuuka mu mbeera eno. Era nga Yabaleka ne bakituukamu, kubanga baagaana okutambulira mu kkubo. Baawaba ne bava mu—mu kkubo ettuufu, ne bawabira mu kakubo kano ak'oku bbali. Era ekyo kyaleetera Katonda okukola ekintu eky'entiisa ennyo. Ya . . . Kyaleetera Katonda okulagira Musa okukwata omuggo ogw'omusango gwe yali yakozesa okusalira eggwanga omusango, n'agukuba ku Lwazi, okuvaamu amazzi.

91 Kati, wano waliwo eky'okuyiga ekirungi ennyo singa tunaasobola okukifuna, olaba. Era kubanga tugalangatana ne tuva ku mulamwa, ne twesibagana n'ensi, n'ebintu ebirala, kyaleetera Katonda okuddira emisango egyali egy'ensi n'agissa ku Mwana We Yennyini, e Kalivaaliyo, tusobole okugenda nga tuli ba ddembe. Mulaba kye ntegeeza?

92 Kati, okusobola okutuusa amazzi eri abantu bano, nga bamaze okutuuka mu kifo kino, ekifo kino ekikalu kyafuulibwa Kalivaaliyo. Era eyo Katonda gye yagambira Musa, n'Amugamba nti, "Twala omuggo wamu n'abakadde, mugende mu maaso, Nange ndiyimirira ku Lwazi mu maaso gammwe." Era Olwazi luno yali Kristo. Era Musa, nga akozesa omuggo gwe yali yakozesa okuleeta omusango ku ggwanga lya Israeri, yakwata omuggo guno gwe gumu n'assa emisango gya Katonda ku Lwazi. Mukiraba? Yaddira ebibi by'abantu n'abiteeka ku muggo guno. So nga ate, yalina kukuba bantu. Naye mu kifo ky'okukuba abantu, yakuba Lwazi. Era Olwazi, okuyita mu mulimu gwa Katonda, lwaleeta obulokozi, lwaleeta amazzi eri abantu abaali bafa. Lwaleeta obulamu eri abantu abaali bafa. Era ekyo Katonda kye yakola bwe yakwata akati Ke—Ke ak'omuggo ogw'omusango, n'azingirira ebibi byange n'ebibi byo ku muggo guno; ogwandibadde ogw'okutukuba, naye ne gukuba Kristo; mu Ye ne muvaamu *amazzi,* ekitegeeza "Omwoyo," Omwoyo Omutukuvu yamuvaamu, okutuwa Obulamu. Kati tulina Obulamu Obutaggwaawo. Kaakati, Olwazi olwo yali Kristo. Kati twagala twetegereze.

93 Ndabye ebifaananyi by'Olwazi luno bingi nnyo ebisiigiddwa okusinziira ku magezi g'abantu. Nnina ekimu ku bisingayo okutunuulirwa ennyo kye nnalaba, ebbanga si ddene eriyise, ekyali kiraga nga waliwo o—olwazi olutonotono waggulu ku kasozi. Era—era nga kiraga nti olwazi luno Musa lwe yakuba, nga Israeri bali kyemmanga bakutte ekikopo kya caayi, nga balembeka otuzzi otw'okunywa okuva mu lwazi luno. Kaakati eyo ndowooza ya muntu.

94 Naye Olwazi luno bwe lwaleeta amazzi Gaalwo, waaliwo

abantu abasoba mu bukadde bubiri, nga tobaze nte nnume, na ŋŋamiya, n'ebirala abaanywa ebibya n'ebibya by'amazzi okuva mu Lwazi olwo. Lwali mugga ogwakulukuta nga guvaamu amazzi amangi!

95 Kye kifaananyi kye kimu era kye bagezaako okuwa Kristo, Omwoyo Omutukuvu leero. "Kumansirako bumansirwa tuzzi." Olaba, okukumala okukukkirizisa nti waliyo Katonda. Nedda.

96 Omwoyo Omutukuvu mazzi amangi! Dawudi yagamba nti, "Ekikompe kyange kiyiwa!" Gubeera muyiika gwa Mwoyo Mutukuvu.

97 Abantu batya Omwoyo Omutukuvu. Abantu abamu bagamba nti, "Naye, nze ntya nti nnyinza okukola *kino* oba *kiri,* oba singa ngezaako okugenda ebuziba ennyo. Nsobola n'okukulaga eyagenda ebuziba ennyo." Naye ate oyo ataagenda buziba kimala ye temumusongako. Olaba? Weewaawo, abo abataagenda buziba kimala?

98 Kati, weewaawo tubaddeko n'abantu abaayingira mu mubiri, ne bawaba. Naye—naye si Katonda, wabula babaddenga bantu be ba . . . Olw'obutaba na bukulembeze bulungi, n'ebirala, baatandika bubi, ne bakomekkerereza mu buzoole. Olwo ensi yonna, ssetaani n'alyoka aboogerako n'agamba nti, "Mubalaba! Mubalaba!"

99 Naye, leka nnyimirire enkya ya leero njogere ku bukadde n'obukadde n'okusingawo obw'abo abaalemwa okusitula yadde ekigere ekisooka. Ate abo? Mulaba, mulabe embeera yaabwe. Mulabe omusajja nga Eichmann leero, asingayo oku . . . Bagamba mbu, "Abapentekoote tebalina mpisa era tebeeyisa bulungi, era mbu tebaasoma," n'ebirala ebiringa ebyo. Naye mulabe Eichmann, omu ku basajja abasingayo okuba abayivu mu nsi. Naye yatta, obukadde mukaaga obw'abaana n'abakazi n'abasajja, emmeeme obukadde mukaaga. Omuntu nga oyo temwagala kumwogerako.

100 Naye bwe wabaawo omuntu, bambi atasobola kusoma, oba oli awo alina erinnya erimu mu Bayibuli ly'ataayatula bulungi, era, oba oli awo alina kye yayogera oba kye yakola ekitaali kituufu, oba n'abaako ensobi yonna gy'akola, oyo ab'empapula z'amawulire baagala bamuwandiikeko bakisaasaanye buli wamu wonna, bagambe nti, "Bano tetuyinza kubeesiga."

101 Kati abo bwe tuba tetuyinza kubeesiga, olwo ate abalina obuyigirize, n'ebintu eby'enjawulo ne bakakensa be balina ensangi zino? Mmulabe Adolf Hitler. Mulabe bakakensa b'ensi mu by'obwongo leero. Mubalabe. Nga enjogera ey'edda bw'egamba nti, "Ekivunaanibwa omuntu omu mu mbeera emu kirina okuvunaanibwa n'omulala."

102 Ky'olina okukola, kwe kuyambibwako Omwoyo Omutukuvu, okusobola okwawula ekituufu ku kikyamu, otwale ekituufu oleke ekikyamu.

103 Kati, tulaba Kalivaaliyo eno gye baalina, omwava amazzi ne gakulukuta eri abantu.

104 Kati, abantu abamu bakitegeera bwe bati mu mitima gyabwe ne mu ndowooza zaabwe, nti Isiraeri bonna baanywa, bwe baamala ne batikka eŋŋamiya ne basiba ebikoligo byabwe ku ndogoyi zaabwe, n'ebirala, ne bakwata abaana baabwe ne beeyongerayo mu lugendo, Olwazi ne baluleka awo, nga luvaamu amazzi. Ekyo si bwe kiri.

105 Olwazi olwo lwabagobereranga, n'amazzi ago gaabagobereranga. Kati mu Bakkolinso Ekisooka, essuula ey'e 10, nzikiriza we kiri, n'olunyiriri olw'e 11, osobola okukiraba, nti "Olwazi olwo lwagobereranga Isiraeri." Buli we baagendanga okuva ku lunaku olwo n'okweyongerayo, Olwazi lwagendanga nabo, era n'amazzi gaabagobereranga.

106 Ekyo nga kifaananyi kirungi, era nga—nga kyakwekwatako ekirungi era essika eri omukkiriza leero, amanyi nti Olwazi olwo olwakubibwa, Amazzi ago olumu agaakulukuta nga gava e Kalivaaliyo, gagenda naffe buli we tubeera! Ha, bannange! Si kuddayo mabega mu kifo ekimu, ne tugamba nti, "Kale, okwosa jjo twalina Amazzi, erudda wali." Tulina Amazzi leero, wano wennyini, kubanga Olwazi olwo yali Kristo! Era Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

107 Mukiraba, Olwazi olwo lwagobereranga Isiraeri. Bo si be baagobereranga Olwazi, wabula Olwazi lwe lwabagobereranga. Amiina. Isiraeri beeyongerayo mu lugendo lwabwe. Baalina ekintu kimu eky'okukola, nga ekyo kwe kwekuumira mu kkubo, butereevu okutuusa nga batuuse mu nsi ensuubize. Era Olwazi wamu n'amazzi byabagobereranga.

. . . *Olwazi nga* lugoberera: . . .

Abakkolinso Ekisooka bwe wagamba, essuula ey'e 10. Kale.

. . . *nti Olwazi olwo yali Kristo*.

108 Katonda yatwala emisango gy'abantu n'agiteeka ku Kristo, n'amukuba. Mwali mukyetegerezza, nti mu Lwazi mwalimu olwatika, okuva ku olwo okweyongerayo? Olwazi lwalimu olwatika, awo Musa we yakuba. Ne Kristo yalina olwatika, bwe Yakubibwa, "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, era olw'emiggo Gye twawonyezebwa." Mu Bulamu obwo mwe mwava Amazzi ag'Obulamu olwa leero ge tuwommerwa okukamala!

109 Kaakati, okusobola okufuna Obulamu buno, mujjukire nti, Obulamu bwa Kristo busigala n'Ekkanisa. Aleruuya! O, nnyabula singa tusobola okwekaliriza ebirowoozo byaffe awo okumala eddakiika ekkumi eziddako! Kristo taleka Kkanisa. "Nja kubeera nammwe bulijjo, okutuusa ku nkomerero y'ensi." Abantu be bava ku Kristo, Kristo si y'aleka abantu. Abantu be bamuvaako, olw'obutakkiriza bwabwe. Be bava ku Kristo, so si Kristo nti y'aleka abantu.

110 Israeri be baava ku luzzi, oluzzi si lwe lwalekawo Israeri. Mukiraba? Kubanga, Bayibuli ekyogera lwatu nti, "Olwazi n'amazzi byagobereranga Isiraeri." Lwabagobereranga! Buli we baagendanga, nga Nalwo lugenda, nabo.

111 O, nnandyagadde, enkya ya leero, ssinga tubadde n'obudde obumala, okubikkula mu ssuula 1 eya Yoswa, we Yagambira nti, "Buli w'onaalinnyanga ekigere kyo, Nkuwaddewo. Buli gy'onaagendanga yonna, Mukama Katonda wo ali wamu naawe. Totya muntu yenna. Beera muvumu! Wonna w'onaalinnyanga ekigere kyo, Nja kubeera awo wennyini naawe, ka wabeere wa." Katonda y'agendanga wamu ne Yoswa!

112 Katonda y'omu agenda wamu n'Ekkanisa Ye enkya ya leero. Leka tunywe okuva ku Nsulo eno emitala. Wonna wonna w'onaalinnya ekigere kyo, Katonda anaabeerangawo awo wennyini naawe, okukufukirira n'okukuwa Obulamu. "Nnaabeeranga nammwe bulijjo, okutuusa ku nkomerero y'omulembe." Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Amateeka ga Katonda.

113 Kati oyinza okumbuuza nti, "Kaakati, Ow'oluganda Branham, lwaki tetukola ebyo ebintu bye tusaanidde okuba nga tukola? Kiva ku ki okuba nti ebirabo byaffe n'ebintu ebirala mu kkanisa tebivaayo bulungi, nga bwe birina okuba? Kiva ku ki okuba nti ekkanisa yaffe tesituka kutuuka mu kifo mw'esaanidde kuba?" Abantu, bwe batuuka mu kiseera eky'okugezesebwa, baddayo emabega nga Isiraeri bwe baakola. Balowooza nti Katonda abaleseewo.

114 Naye, mujjukire nti, Olwazi terwalekako Isiraeri. Israeri ye yaleka Olwazi, beerabira nti Olwazi lwali nabo ekiseera kyonna. Lwali wamu nabo, lwagenda nabo okutuuka ku nkomerero y'olugendo. "Lwabagobereranga." Terwali wala nnyo nti lwali terukyasobola kwogera nabo. Terwali wala nnyo nti lwali terukyasobola kubawulira. Oba, terwali wala nnyo nti lwali terukyabalaba.

115 Ne Kristo bw'atyo si bw'ali! Eri Ekkanisa leero, Tali wala nnyo nti takyasobola kwogera n'awulirwa. Abamu ku mmwe mwaddirira, ne mukola ebyo ebikyamu, ne muviibwaako essanyu eryo, n'Amazzi gammwe ne gakala. Akyali mu bbanga w'asobola okwogera nammwe. Abagoberera. Amanyi buli luta lw'okuba na buli kimu ky'okola. Ayaayaana okukuwulira nga omuyita ajje alabisibwe.

116 N'omugendo gw'Abapentekoote guno ogw'amaanyi leero, Katonda abalindiridde mumuyite ajje alabisibwe. Temuli wala nnyo nti temukyasobola kwogerezeganya Naye. Newankubadde twasobya, ne twonoona, ne tumukuba amabega, ne—ne tukola ebintu bye tutasaanye kukola, naye era Akyali naffe. Kristo yagamba nti Alibeera naffe.

117 Bayibuli egamba nti, “Amazzi gaagobereranga abaana ba Isiraeri.” Bwe baalumwanga ennyonta, baakimanyanga nti amazzi gali kumpi.

118 Kati, ebintu bino birina amateeka agabifuga. Enkola ya Katonda yonna erina amateeka agagifuga kw’etambulira. Kati tugenda ku. . . Leka tusooke tukome awo.

119 Leka tutwale eky’okulabirako ky’ensi. Ekyuka, buli luvannyuma lwa ssaawa abiri mu nnya ekyuka yonna, bulungi nnyo, nga. . . Ku ssaayansi waffe yenna gwe tulina, tetuyinzanga, kukolayo ssaawa etuukiridde mu kukuuma budde. Olumu n’olumu, essaawa ezisingayo obulungi ze baali bakoze, mu bbanga lya mwaka mulamba, zijja kubaako eddakiika nga ziizo ze zongeramu oba ze zisuula. Naye ensi tesuulangako wadde akatikitiki n’akamu. Etuukiridde nnyo okutuusa nti bannassaayansi olwa leero, abalondoola eby’omu bwengula basobola okukugamba, ddi lwennyini mu myaka makumi abiri oba amakumi ataano okuva kati, enjuba n’omwezi lwe biriyisiŋŋanya. Bwe yetooloola mu nkulungo yaayo ey’essaawa abiri mu nnya, n’ekyuusa ebiro nga yeetooloola enkulungo, tesuula yadde akatikitiki. Aleruuya! Etuukiridde mu ntambula yaayo, kubanga etambulira ku tteeka lya Katonda.

120 Bamanyi ddi lwennyini amayengo ago lwe ganaasituka, n’eddakiika yennyini, kubanga bamanyi ekiseera omwezi we gukkira. Era Katonda buli kimu kyonna yakisengeka nga birina etteeka kwe birina okutambulira. Era omwezi ogwo bwe gukka wansi, nga n’amayengo gakka nagwo. Omwezi ogwo bwe gusituka, nga n’amayengo gasituka nagwo. Era bamanyi ddi lwennyini, omwezi ogwo lwe gunakka, okuyita mu kumanya ebiseera. Basobola n’okukikuba ku kalenda ey’eby’omu bwengula nga wakyabulayo emyaka mingi nnyo kibeewo, ne bakubuulira, eddakiika yennyini, amayengo ago lwe galitandika okukka. Mazima ddala, kubanga omwezi bwe gutyo bwe gujja okukka, kubanga gutambulira ku nkola ya tteeka lya Katonda.

121 Luli, nnali nnyimiridde, ku Nnyanja Michigan. Nnagendako ne ku Nnyanja Superior, bwe nnali ŋŋenda e Canada, ennyanja eyo ennene. Ne nnyimirira awo, muli ne nneebuuza nti, “Ennyanja eno eriko obugazi bwa mayiro mmeka?” Kati oluvannyuma nga mmaze okusomoka Mich-. . . , manyanga Ennyanja Superior, ne ntuuka ate ku Michigan, nga kyenkana zonna obugazi bwe bumu. Bwe nnavaayo, ne ŋŋenda ku Nnyanja Superior ne nvaayo ne ŋŋenda ku Nnyanja Michigan, ne nvaayo ne ŋŋenda ku Nnyanja Michigan ne nvaayo ne ŋŋenda ku Nnyanja Ontario, ne. . . ne Huron, n’ennyanja ezo zonna. Ennyanja ezo zonna nga zijjudde obuwumbi n’obuwumbi n’obuwumbi, n’obutabalika bwa ttanka z’amazzi amasu!

122 Kyokka nga mu Nevada, ne mu Arizona, ne mu New

Mexico, ne mu Buvanjuba bwa California, wajjudde obukadde n'obukadde bwa yiika z'ettaka, ezookebwa akasana. Nga ate ettaka eryo ggimu okukamala, nti singa amazzi ago gamala ne gatonnya ku ttaka eryo, eggwanga lino lisobola okuliisa ensi yonna, ne watabaawo muntu yenna alumwa njala, ne wafikkawo n'ey'okusuula mu nnyanja. Ekyo kituufu! Obukadde n'obukadde bwa yiika z'ettaka ezisobola okulimibwako ttani ne ttani za lumonde n'emboga, n'ebijanjaalo ne—n'enva endiirwa, ne ladisi ne seleri, ne cukamba, n'ebirala. Byonna ebyo byandisobodde okumera ku ttaka eryo, li—libulwaako kimu kyokka mazzi.

123 Naye amazzi gali waggulu *eno,* ate ettaka liri ludda *eno* wansi. Kati byombi tusobola okubiraba, ne tumanya nti kijja kusoboka, kubanga tusobola okukebera amazzi ne tulaba nti malungi, ne tukebera n'ettaka ne tulaba nti ggimu. Kati, okukyeyagaliza kwonna kwe tuyinza okuba nakwo, tekulibigatta wamu. Naye, waliwo etteeka, era etteeka eryo g'emaanyi aga kimiimansi. Kati, ssinga tukola okusinziira ku maanyi aga kimiimansi, tusobola okufukirira buli katundu k'ettaka eryo, nga tujja amazzi mu nnyanja ne tufukirira ettaka eryo. Naye tuba tulina okukolera ku tteeka ly'amaanyi aga kimiimansi. Tetuyinza kugaagaliza kugendayo ne gagendayo. Tetuyinza kuleekaana ne gagendayo. Tetuyinza kuwoggana ne gagendayo. Tulina okukola okusinziira ku mateeka aga kimiimansi, okusobola okutuusaayo amazzi ago. Buli kintu Katonda yakissaawo nga kirina etteeka kwe kitambulira.

124 Wano, nnali ndowooza, ssimanyi oba kino nnali nkibagambye, oba nedda. Nnali mmanga mu Kentucky, nga tuyigga bukaamuje, n'Ow'oluganda Wood, omwaka nga gumu oguyise. Era twa. . . Bukaamuje bwali bwa bbula, kye twava tubaako ew'omuntu omu gye twagenda, okusaba okuyigga. Omusajja yalina yiika z'ettaka eziwerako, era ku ttaka lino kwaliko ebibira bingi. Naye Ow'oluganda Wood n'aŋŋamba, nti, "Omusajja mukaafiiri. Si—si mukkiriza." Kati yaŋŋamba nti yali amumanyi, kale ya. . . manya kitaawe yali amumanyi, yali asobola okugendayo n'amusaba olukusa olw'okuyigga.

125 Ne tuvuga ne tugenda ew'omwami oyo. Alina omwami omulala gwe yali naye, bombi baali mu myaka nga nsanvu, nga batudde wansi w'omuti gwa apo. Kale Mw. Wood n'agenda eri omusajja ono, n'amugamba nti, "Nsobola okuyiggirako ku ttaka lyo?" Omusajja n'amugamba nti, "Kale," n'agamba nti, "tewali buzibu." N'amubuuza nti, "Ggwe Wood aliwa yenna? Oli mutabani wa Jim Wood?"

N'agamba nti, "Ndi mutabani we."

126 N'agamba nti, "Kale, nnamukadde Jim yali mwesimbu, na buli kimu." Nagamba nti, "Osobola okuyiggira wonna w'oyagala, ku ttaka lyange. Nnina *yiika* bikumi na bikumi wano,

genda gy'oyagala. Serengeta emmanga mu biwonvu, wonna w'oyagala. Weegazaanye."

127 Nze nnali nsigadde mu mmotoka, kubanga nnalowooza nti oba oly'awo omubuulizi n'omukaafiiri bayinza obutakwatagana, bwe tuba baakugenda okubaako kye tusaba omukaafiiri.

128 Kati oluvannyuma lw'akaseera, Ow'oluganda Wood kye yava agamba nti, "Kale, kati, nzikirizibwa okugendayo n'omusumba wange? Mpulira nga kyandibadde kirungi okugenda naye."

129 Nnamukadde ono n'akyuka nga ali ku muggo gwe yeeyambisa okutambula, n'agamba nti, "Wood, ky'oyagala okuŋŋamba nti waggwaamu nnyo ensa bw'otyo, okutuusa okuba nti olina okutambula n'omubuulizi buli gy'ogenda?"

130 Era ekyo bwe yakyogera, ne ndowooza muli nti, kati, kye kiseera nve mu mmotoka. Bwentyo ne nva mu mmotoka, ne njogerako ne nnamukadde okumala eddakiika ntonotono. N'antegeerezaawo nga bw'atalina kya maanyi kye yeetaaza ababuulizi, kubanga okusinziira ku ye ababuulizi boogera ku kintu kye batalina kye bakimanyiiko.

131 Yagamba nti, "Bamala gasamwassamwa n'ebintu bye batamanyi. Naye," n'agamba nti, "nze omuntu bw'ayogera nange, mba njagala abeere nga amanyi bulungi ky'ayogerako." Kati, ekyo kikola amakulu. Ekyo kikola amakulu. N'agamba nti, "Kati, nze omuntu bw'ayagala okwogera nange, mba ssaagala ayogere ku *kintu kino oba kiri*, nga asamwassamwa by'atamanyi. Njagala ayogere ku kintu nga ky'ayogerako akimanyi." Kati, ekyo nnakisaamu ekitiibwa. Mu ekyo nnamukadde ono nnamussaamu ekitiibwa.

132 Kale kye nnava ŋŋamba nti, "Naye, amazima gali nti, buli muntu alina endowooza ye nga ye."

133 N'agamba nti, "Waliwo omubuulizi omu eyajja mu kitundu kino, emyaka mitono egiyise, eyalina olukuŋŋaana mu Acton." N'agamba nti, "Omubuulizi ono, lumu ekiro, ate nga yali mugenyi mu kitundu, yagamba o—omukyala eyali atudde mu kibiina nti, 'Olina akatambaala mu nsawo yo. Era ggwe Muky. *Gundi*. Era olina muganda wo omulwadde ali wano ku kasozi kano. Erinnya lye ye *Gundi*. Obulwadde, bwa kookolo w'omu lubuto bugenda kumutta.' N'agamba nti, 'Twala akatambaala ako okateeke ku muganda wo, omugambe nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, tagenda kufa, wabula agenda kubeera mulamu."'"

134 N'agamba nti, "Omukazi y'omu ono yali mukwano gwaffe." N'agamba nti, "Omukazi ono twamutwalira akatambaala ako engulu eyo gye yali, manyanga, omusajja ono, uh, omuntu . . ." Yasooka n'agamba nti, "Omukyala ono, nze ne mukyala wange twali twagenzeeyo ku olwo ku makya era twali tulina bye tututte, nga tulindiridde omukyala ono okudda. Era yali bubi nnyo! Abasawo baali baamukongokako, dda. Yali bubi nnyo nga

tumukyuusiza mu ssuuka, okumusitula okumuteeka ku kidoli okweyamba, n'okumuzza ku kitanda. Nga tumukyuusiza mu ssuuka, yali bubi nnyo." N'agamba nti, "Lumu ekiro, engulu eyo, waawulirwa eddoboozi nga oyinza okulowooza waliwo afudde."

135 Oyo yali Ben ye yali agenzeeyo, n'akatambaala ako, nga akatutteyo. Ndowooza yali ggwe, si bwe kiri, Ben? [Ow'oluganda Ben Bryant addamu nti, "Amiina. Amiina."—Omuk.] Yali Ow'oluganda Ben oli wali, nga atutteyo akatambaala ako, kubanga ye yatwalayo omukazi oyo.

136 N'agamba nti, "Enkeera, omukyala oyo yali yeeliira omugaati ogukolebwa okuva mu bibala." N'agamba nti, "Takola mirimu gye gyokka, naye akola n'egya muliraanwa we. Nga awonedde ddala!" Kye yava agamba nti, "Kati bulijjo mbaddenga nneebuuza. Ssinga ndifuna akakisa ne ndaba ku mubuulizi oyo, kye yali ayogerako yali akimanyi," n'agamba nti, "Nna—nnandyagadde okwogerako naye."

137 Ow'oluganda Wood kye yava antunuulira, nange ne mmutunuulira. Twali awo, nga ffenna tuddugala, nga ffenna tujjudde entuuyo tetufaananika, twali tumaze nnaku nga tusula mu kibira, nga—nga ffenna tubunye omusaayi gwa bukaamujje. Kye nnava ŋŋamba nti, "Kale," ne ŋŋamba nti, "ki . . . Ky'otegeeza nti wandyagadde okwogera n'omusajja ono akubuulire bwe yakikola?"

N'agamba nti, "Yee, ssebo, ekyo kye ntegeeza."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, ekyo—ekyo kintu kirungi."

138 Nnali ndya emu ku apo ze. Zaali zitandiikiriza okukyusa langi okufuuka kyenvu, nga bwe mumanyi, awo omwaka nga gunaatera okuggwaako, mu Agusito. Kale nnali nnina apo eno entonotono, era nnali ngiriddeko. Kye nnava ŋŋamba nti, "Eyo nno apo nnungi." Ne mmubuuza nti, "Omuti ogwo gwakamala bbanga ki?"

139 "Ha," n'agamba nti, "Omuti ogwo nnagusimba, emyaka nga amakumi asatu oba ana egiyise, bwe watyo awo."

140 "Yee, ssebo." Ne ŋŋamba nti, "Njagala nkubuuze ekibuuzo." Ne ŋŋamba nti, "Ddala kibaawo kitya . . . Apo ezo ndaba zikunkumuka okuva ku muti nga bwe zigwa wansi, n'amakoola gaagwo ndaba gakunkumuka, ate nga omwezi gw'Agusito twakagutuuka mu makkati." Ne ŋŋamba nti, "Tetunnafuna yadde empewo, tetunnafuna yadde amatondo g'omuzira oba ekintu kyonna, naye ate ebikoola biibyo bikunkumuka okuva ku muti nga bwe bigwa. Lwaki kiri bwe kityo?"

N'agamba nti, "Amasanda gaba gavudde mu muti."

"Ha," ne mmubuuza nti, "gaba galaze wa?"

N'agamba nti, "Wansi mu mirandira."

Ne mmubuuza nti "Kaakati olwo ganaamalayo bbanga ki?"

N'agamba nti, "Okutuusa mu biseera ebya ddumbi."

141 Ne ŋŋamba nti, "Kitegeeza gajja kumala gakomewo, omuti ogwo guddemu gusseeko ebikoola ebirala bireete ekisiikirize, gubale ne apo endala ez'okulya."

N'agamba nti, "Ky'ekyo kyennyini. Bwe kiri."

142 Ne ŋŋamba nti, "Naye, kati nnina kye njagala okukubuuza, ssebo. Oyogedde ku basajja bano abatamanyi bye boogerako." Ne ŋŋamba nti, "Osobola okunnyinyonnyola Amagezi ago agaleetera amasanda ago okuva mu muti ogwo? Amasanda ago singa gasigala mu muti okuyita mu kiseera ky'obutiti, omuti ogwo gufa. Obeera ojja kugutta. Akaweke ak'obulamu kali mu masanda ago." Ne ŋŋamba nti, "Obutiti buba bujja kutta omuti ogwo. Kati Magezi ki agaleetera amasanda ago okuva mu muti ogwo, ne gakkirira wansi mu mirandira, ne gabeerayo okutuusa ekiseera ekya ddumbi, ate ne gakomawo omuti ne guddamu ne gubala zi apo?" Ne ŋŋamba nti, "Teeka amazi ku kalobo okateeke ku kikondo, olabe oba nga, mu Agusito, amazzi ago ganakka wansi ku ntobo y'ekikondo ne gakomawo mu biseera ebya ddumbi. Okiraba?" Ne ŋŋamba nti, "Waliwo etteeka, waliwo etteeka ery'obutonde. Waliwo Amagezi agaluŋŋamya etteeka lino. Si ekyo kyokka, naye Amagezi ge gamu ago galina okuleetera etteeka eryo okukola, ge galeetera amasanda ago okukka wansi mu mulandira gw'omuti, ate oluvannyuma ne gakomawo."

N'agamba nti, "Ekyo mbadde ssikirowoozangako."

143 Ne ŋŋamba nti, "Osobola . . . Bw'olitegeera Amagezi agaleetera amasanda ago okuva mu matabi g'omuti ogwo, ne gakkirira wansi mu mirandira ate oluvannyuma ne gakomawo, ago ge Magezi ge gamu agaŋŋamba bwe nnali eyo ekiro kiri nti, 'Genda, oteeke akatambaala ako ku mukazi oyo.'"

Kye yava ambuuza nti, "Ky'ogamba ggwe mubuulizi oyo?"

Ne ŋŋamba nti, "Yee, ssebo, ye nze."

144 Omwaka oguwedde nnaliyo (kati yafa), era nnamwandu we bwe yali atudde mu kisasi, nga awata zi apo, ezaali zivudde ku muti ogwo gwe gumu. Ow'oluganda . . . Okusooka baali bagenda kutugoba, baali tebatumanyi. Naye ne ŋŋenda mmunnyonnyola, nga bwe twafuna olukusa okuva gyali. Ne mbimunyumiza byonna, n'agamba nti, "Yayatula Kristo mu bujjuvu nga tannafa."

145 Mulaba, ekireetera omuti ogwo okukola bwe gutyo, Magezi ki agaleetera amasanda ago okukka wansi? Tteeka. Tteeka Katonda lye yateekawo. Era etteeka eryo tteeka lya Katonda erijja okufuga ekyo mwe yaliteeka. Amiina.

146 Omanyi, ssifaayo oba okaaba kyenkana wa, n'ogamba—n'ogamba nti kati, "Tegugenda, omusana tegugenda kwaka mu kiseera kino eky'ekyeya." Era, gujja kwaka. Ne bwe

weekalakaasa n'ogamba nti, "Si—si—sigenda kukkiriza budde kuziba." Era, bujja kuziba. Kubanga ekintu kino kwe tubeera, ekiyitibwa ensi, efugibwa tteeka lya Katonda.

147 Kaakati, ab'oluganda ne bannyinaze, njagala mbeeko ne kye mbabuuza. Kati, bwe tuba twazaalibwa omulundi ogw'okubiri n'Omwoyo wa Katonda. . . Katonda talina bitundu ebimu nga bitono era binafu nga ebirala binene bya maanyi, Yenna Katonda! Era ssinga obeera olina Katonda amala mu ggwe, nga alinga kasiikirize busiikirize, ago maanyi agamala okukola ensi empya. Ago maanyi agamala okukola omwezi omupya n'enkola empya. Oyo Katonda, era ga maanyi! Era mu kaseera kano kennyini buli mukkiriza yenna ali wano alina Obulamu Obutaggwaawo, nga ye, Mwoyo wa Katonda ali mu ggwe; Amaanyi agamala agasobola okuzuukiza abafu, agasobola okuwonya abalwadde, agasobola okutebenkeza entambula y'eby'omu bwengula. Naye ggwe, amaanyi ago galina etteeka erigafuga, Omwoyo oyo abalimu. Muli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Omwoyo oyo y'omu gw'olina mu ggwe, alikuzuukiza ku lunaku olw'okuzuukira.

148 Yesu, bwe Yali wano ku nsi, bwe Yafa, emmeeme Ye yakka e magombe, "N'abuulira eri emyoyo egyali mu kkomera, emmeeme ezaali mu kkomera, eziteenenya mu biro by'okugumiikiriza mu nnaku za Nuuwa." Omubiri Gwe gwagenda mu ntaana. Naye bwe Yali tannafa, Yateeka Omwoyo Gwe mu mikono gya Katonda. Omwoyo Gwe gwagenda eri Katonda, emmeeme Ye n'egenda e magombe, ate omubiri Gwe ne gugenda mu ntaana. Era Yesu yaziyizibwa n'atasobola kuzuukira okutuusa nga Ebyawandiikibwa bimaze okutuukirizibwa. Yali tasobola kukomawo, kubanga Yalina okusigala mu ntaana okumala ennaku ssatu n'ebiro bisatu. Naye Ebyawandiikibwa byonna bwe byamala okutuukirira, omuziziko guno ne guggyibwaawo; Omwoyo Gwe ne gukomawo eri emmeeme Ye, emmeeme Ye n'edda mu mubiri Gwe, n'Azuukira.

149 Era naffe bwe tunaafa, emmeeme zaffe zijja kugenda wansi w'ekyoto kya Katonda; gye nnaweebwa omukisa okulaba, amakya matono gye buvuddeko, nga bwe mumanyi, mu kwolesebwa, Bayibuli w'eyogerako n'egamba nti, "Emyoyo gyaffe girigenda eri Katonda Eyagituwa, n'emibiri gyaffe giriddayo mu kubeera enfuufu y'ensi." Naye lumu, Ekyawandiikibwa bwe kirituukirira, emyoyo gyaffe giriteebwa okuva eri Katonda, gijje giggyeyo emmeeme, n'emmeeme zambale omubiri. Era Amaanyi agalituzuukiza, gali muffe mu kaseera kano kennyini! Mu kaseera kano kennyini tuli mu bifo eby'omu Ggulu. Mu kaseera kano kennyini tuli mu Maanyi ag'okuzuukira.

150 Ekyo singa tekyaliko tteeka likifuga, abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala bandyetondeddewo ensi mu bbanga eyo ne bagenda ne bagibeerako bokka. Olina Amaanyi mu

ggwe agasobola okukikola. K'obeere nga olina kisiikirize busiikirize eky'Amaanyi ga Katonda mu ggwe, olina Amaanyi agasobola okukikola. Katonda ayinza byonna. Mulaba kye ntegeeza? Amaanyi agakulimu gajja kukuleetera okukola, osobola okwogera n'otondawo ensi n'ogenda n'ogibeerako. Aleruuya! Ky'ekyo.

151 Ago ge Maanyi agali mu Kkanisa we twogerera, naye galina etteeka erigafuga. Era etteeka eryo si "kukuuma ntuumo ya biragiro." Wabula tteeka lya kukkiriza. Yesu yagamba nti, "Ebintu byonna biyinzika eri abo abakkiriza." Era kasita oba nga osobola okukikkiriza, kyonna Katonda ky'anaakulembera emmeeme yo okukkiriza, ekyo kikyo. Buli kifo ebigere byo we binaalinnya, olw'okukkiriza, Katonda akikuwadde. Amiina! Kikyo, okirina mu ttaano, singa oba osobola okuzuula ekisumuluzo ky'etteeka lino ery'okukkiriza eririkuggulirawo. Mulaba kye ntegeeza? Amaanyi gafugibwa na...Bw'oba oli mwana wa Katonda ow'obulenzi, oba oli mwana wa Katonda ow'obuwala, ekyo tekirikuvaako. Kiri naawe ebbanga lyonna. Naye, okukkiriza kwo kwe kuva ku Maanyi ago, naye Go gasigala gakyaliwo. Aleruuya!

152 Bw'olokolebwa, Katonda akuwa okukkiriza okugolokoka okuva mu bitosi by'ensi. Okukkiriza kwo kuwangula ebintu by'ensi. Okukkiriza kwo kye kiki? Okukkiriza kwo mu kikolwa ekyo Katonda ky'akoze mu ggwe, okukufuula omwana wa Katonda. Oleka okulimba, n'oleka okubba, n'oleka okunywa omwenge, kubanga okukkiriza kwo kukusitula waggulu waabyo. Amiina. Bw'otabireka, kitegeeza tolina kukkiriza kwonna yadde. "Era mwalokoka lwa kukkiriza, okuyita mu kisa."

153 Okukkiriza kwo gye kunaakoma okusumululwa, bwe bungi bw'amaanyi g'onaabeera nago, kubanga munda mu ggwe mwe mutuula Amaanyi agasobola okutonda Eggulu n'ensi. Katonda atuula mu mmwe, era muli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Amiina! Kiikyo. Naye, kukkiriza kwo kwe kukikola. Yesu yagamba nti, "Okusinziira ku kukkiriza kwo, kibeere bwe kityo gy'oli. Bw'oba osobola okukkiriza, ebintu byonna biyinzika. Ddala, Mbagamba nti, bw'oligamba olusozi luno nti, 'Sigulibwa,' n'otabuusabuusa, wabula n'okkiriza ekyo ky'oyogedde!"

154 Kati tusaanidde kuba bantu nnabaki, nga tulina okukkiriza mu Kristo ono omununuzi ow'ekitalo abeera mu ffe, Olwazi olwo olwakubibwa olutaleka Kkanisa? "Ndi nammwe bulijjo, okutuusiza ddala ku nkomerero y'ensi," Okubeerawo okubeerawo bulijjo okw'obulokozi obw'omuyiika n'Amaanyi ebyafukumulwa okuva e Kalivaaliyo ne bifukumulwa mu Kkanisa, Okubeerawo kwa Katonda omulamu okwa bulijjo, okufukumulwa okuyitirivu, Olwazi olwakubibwa, olutambula naffe mu lugendo lwaffe.

155 Israeri baafiirwa okukkiriza kwabwe. Baawaba ne bava ku kkubo. Ne batandika okwegomba amasanyu ag'omubiri. Ssinga baasigala balina okukkiriza, nga bakkiriza nti Katonda agenda kubatwala mu nsi, tewandibaddewo kintu kyonna kibaziyiza. Baali baamala okuggulawo ennyanja, baali bassizza kawumpuli ku balabe baabwe, baali bakomeredde abalabe baabwe emabega waabwe, era nga basomose bayingidde mu nsi, naye tebaalina kukkiriza kweyongera mu maaso kutuuka ku kisuubizo.

156 Yoswa ne Kalebu baalina okukkiriza okwo! Baagamba nti, "Tusobolera ddala n'okukirawo okuwangula buli kintu kyonna ekiyinza okutwekiika mu maaso."

157 Ogwo gwe mutawaana ekkanisa gw'erina. Tusobola okuwangula buli ndwadde. Tulina Amaanyi mu ffe. Tuli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala, tewali kiyinza kutwekiika mu maaso. Kimu kyokka, ky'Ayagala kwe kuzuula omuntu anaakikkiriza, anakkiriza ekyo Katonda kye yamala edda okumukolera. Si nti *tulibeera*; wabula tuli mu kaseera kano kennyini! Era Okubeerawo okulamu okwa bulijjo okw'Omwoyo kuli naffe. Amiina! Kiikyo.

158 Ekyo kye nnabadde ntegeeza bwe nnalangiridde omutwe gw'eky'okuyigirizaako eky'enkya ya leero nti, *Amazzi Agabeerawo bulijjo Okuva mu Lwazi*. Amazzi ago agabeerawo bulijjo okuva mu Lwazi gali wano mu kaseera kano kennyini, Amazzi ago agabeerawo bulijjo okuva mu Lwazi olwo olwakubibwa e Kalivaaliyo. Omwoyo Omutukuvu oyo bwe yamuvaamu e Kalivaaliyo, yakomawo eri Ekkanisa ku Lunaku lwa Pentekoote, era Omwoyo Omutukuvu y'omu oyo ali wano enkya ya leero. Era Atuwa ekisuubizo!

159 Eyo y'ensonga lwaki, bwe ntambula mu maaso g'abalwadde, nga bwe Yantuma emitala eri, nkikkiriza; Katonda bw'atyo bwe yayogera! Okwolesebwa bwe kutyo bwe kubaawo; Katonda yakisuubiza! Katonda tasobola kulimba.

160 Kikkirize! Olina okukikkiriza. Wateekwa okubaawo Ekintu, ekikuggulirawo ekiziyiza ekyo, ne kiggulawo ekintu ekyo n'osobola okuyingira. Kye twetaaga leero si kusaba kwongerwa Maanyi. Olina Amaanyi agamala okutonda ensi empya. Kye weetaaga kwe kukkiriza okw'okukozesa Amaanyi ago. Kye weetaaga kwe kufuga obulamu obwo, otambulire mu bulamu obw'okutya Katonda, kibeere nti bw'onaasaba Katonda ekintu kyonna, omanyi! Tulina obwesige mu Katonda, mu nsonga eyo. Tukimanyi, nti bwe tukuuma Ebiragiro Bye, Talitumma kintu kirungi kyonna, singa tutambula naye. Katonda nga atambula naffe. Ha, bannange!

161 Baalina ekintu kimu eky'okukola. Baalina ekintu kimu kyokka eky'okukola, nga, kwe kusigala mu kkubo. Si kuwaba n'odda *eno*, oba n'owaba n'odda *eri;* naye okusigala mu kkubo! Ekkanisa erina ekintu kimu ky'erina okukola, kusigala

mu kkubo! Bali baalina Empagi y'Omuliro, gye baalina, okwekuumira mu kkubo nga bagoberera Empagi y'Omuliro eyo. Ye yabakulemberanga. Ekintu kye baali basobola okulaba, yali Mpagi eyo y'Omuliro. Baagiraba nga ekola okuyita mu Musa, ne bategeera nti ye mukulembeze.

162 Leero tulina Ekigambo. Tugoberera Ekigambo. Era tulaba Ekigambo nga kikolera mu bakkiriza, olwo, ne tukimanya nti tukyali ku mulamwa. Katonda nga akola naffe, ng'akakasa Ekigambo n'obubonero obukigoberera! Tunywerera ku Kigambo. Ekigambo ne kivaamu ebibala.

163 Baasigala ne Musa. Kubanga, Empagi y'Omuliro, Musa gye yagobereranga. Olwo nabo ne bamugoberera. Bwe baatandika okukyukira Musa, ne batandika okwemulugunyiza Katonda ne Musa, baatandika okubungeeta nga badda eno n'eri. Emitawaana ne gijja. Mazima.

164 Tusigala n'Ekigambo, Ekigambo ne kivaamu obubonero. Yesu yagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza Ekigambo." Mukiraba, kinywerera ku. . . Onywerera ku Kigambo, Ekigambo ne kivaamu obubonero. Naye, Musa, kiki kye yakola?

165 Baawaba ne bava mu kkubo, era baakola ki? Baava mu kkubo, ne basalibwako obugabirizi bwabwe obw'amazzi.

166 Ndowooza ekyo ekkanisa ky'ekoze leero. Ewabye n'eva mu kkubo ery'Ebyawandiikibwa. Bawabidde mu bubondobondo obwa buli ngeri. Bawabidde mu buntu obutonotono bwe batalina kukola. Bakopye ebintu. Bakoppye ebintu nga Enzikiriza y'Abatume. Eyo mu Bayibuli wa w'ogisanga? Bakoppye zi katekiisimu kati ze basoma. Bakopye ebibiina by'amadiini mu kifo ky'obumanyirivu. Bakoppye okukwatagana mu ngalo mu kifo ky'obumanyirivu bw'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Bakoppye okumansira amazzi mu kifo ky'okubatizibwa mu mazzi. Bakoppye enkola enkyamu eya, "Kitaffe, Mwana, n'Omwoyo Omutukuvu," nga mu Bayibuli temuli kintu kya ngeri eyo. Bayibuli egamba nti, "Mu Linnya lya Yesu Kristo!" Waliwo ekintu kimu kyokka ky'olina okukola bw'oba oyagala Amazzi ago ge gamu, komawo eri ekkubo nate. Komawo ku. . . Tannagenda; Akyali wano. Mututte ebikwate mu kifo kya Kristo. Muwabira mu kwesunguusula.

167 Omu agamba nti, "Nze nno, ndi Mumesodisiti."

Omulala n'agamba nti, "Nze ndi Mubaputisiti."

Kati, ekyo kiraga nti toli Mukristaayo. Tuli ba Kristo! Tuli babe.

Oyinza okumbuuza nti, "Naye, kati, ate nze, Omubaputisiti?"

Bw'oba nga ekyo kye kyokka ky'oli, kitegeeza ggwe toli wa Kristo, oli Mubaputisiti.

Oyinza okugamba nti, "Nze, ndi Mupentekoote."

Bw'oba oli Mupentekoote olw'ekibiina ky'eddiini ky'olimu, kitegeeza ky'ekyo kyokka ky'oli.

168 Naye, bw'oba n'obumanyirivu bwa pentekoote! Era Ekigambo kya pentekoote kijja kuleeta obumanyirivu obwa pentekoote! Goberera ekintu kye kimu abayigirizwa abo kye baakola, sigala waggulu eyo okutuusa nga ojjuziddwa n'Omwoyo Omutukuvu.

169 Oluvannyuma ekyo ky'onaafuna bwe kinaaba kikontana n'Ekigambo, omwoyo ali mu ggwe singa anaakotana n'ekyo Ekigambo kye kigamba, olwo oyo tabeera Mwoyo Mutukuvu. Oyo abeera ssetaani nga ageegeenya Omwoyo Omutukuvu. Mulaba we tutuuse? Ha, abamu ku ffe twayogera mu nnimi, ne tuleekaana n'ebintu ebifaanana bwe bityo, naye ate ne tusambajja ebintu ebirala bino byonna. Ne tukkiriza buli kintu ekitali mu Byawaandiikibwa okuyingira mu kkanisa. Wa we tuli leero? Twaddayo mu ddungu eddala, ekibiina ky'eddiini ekikalu. Twekolamu eddiini, Amazzi gaffe ne gatubulako. Ky'ekyo kyennyini Abapentekoote kye baakola. Bwe baatandika okwekolamu eddiini, ne batandika okuggyawo okussa ekimu, nga bagamba nti, "Kale, kati tetujja kukolagana, omusajja ono bw'aba nga *ekyo* takkiriza."

170 Mugende mu maaso, mubeere naye okutuusa lw'alijja eri Ekigambo eky'Amazima, okumanya Amazima. Kyonna kye kiri, mumale, gakyesonyiwa. Mugende mu maaso, mubeere baaluganda.

171 Naye, ha, twalina okwekolamu eddiini, ne tugamba nti, "Kati, ggwe kubanga toli wa Oneness, kubanga toli wa Twoness, oba Threeness, oba *kino,* tetujja kussa kimu naawe." Kati bwe tukola ekyo, tuba tukola ki? Tuba twezzaayo mu ddungu nate. Bwe kiri!

172 Naye, mujjukire nti, Isiraeri bwe baawaba ne bava mu kkubo, ekkubo erigenda mu nsi ensuubize, Olwazi terwabavaako; Lwasigalawo awo, n'amazzi gaasigalawo. Bw'atyo n'Omwoyo Omutukuvu, asigalawo awo. Tetwetaaga kubungeeta kuddayo mabega.

173 Kati, wano Katonda atuyigiriza ekintu ekikulu. Katonda atuyigiriza wano essomo. Kristo yakubibwa omulundi gumu, n'atuwa obumanyirivu obwa pentekoote, omulundi gumu, olw'ebiseera byonna. Kaakati, Olwazi olwo bwe lwakubibwa, lwali terwetaaga kuddamu kukubibwa mulundi mulala. Lwakubibwa mulundi gumu gwokka.

174 Musa yakola ensobi bwe yalukuba omulundi ogw'okubiri, nga alaga obunafu bw'okukkiriza kwe mu mutango. Naye Kristo bwe yakubibwa omulundi ogwasooka, tumanyi nti Taliddamu kukubibwa mulundi mulala. Naye, kati Musa kiki kye yali akola?

Musa yali ateekawo ekintu ekipya, nga agezaako okukola ekintu ekipya.

175 Era eyo y'engeri bannaddiini baffe bwe bakoze leero. Bagezezzaako okubaako ekintu ekipya kye bakola. "Tugenda kweyita ba Assemblies of God. Tugenda kweyita ba Pentecostal Church of God. Tugenda kufuuka Olukiiko Olukulu. Tujja kufuuka *kino*, *kiri*, oba *ekirala*." Ekyo Katonda si kye yakola. Eyo si y'endowooza gye Yalina.

176 Kristo yakubibwa omulundi gumu. Obwo bwe bumanyirivu obwasookera ddala. Eyo y'engeri eyasookera ddala. Ku Lunaku lwa Pentekoote, Peetero yagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo."

177 "Tukumansirako amazzi mu linnya lya 'Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu,' ne tubawa ebikwate ebya buli ngeri na buli kimu kyonna mbu ye Mwoyo Omutukuvu." Bwe tuva ku Kigambo, tekyewunyisa tetusobola kusenvula kubaako na we tweyongera mu maaso. Mukiraba?

178 Katonda atuyigiriza eky'okuyiga. Musa yali talina kugamba nti, "Kati tugenda kubaako ekintu ekipya kye tutandikawo, era tugenda kwekolamu ekibiina tukole ekereziya Katolika." Ekyo ky'ekintu ekyasooka kye baakola. Nedda, kati oluvannyuma lw'akaseera, "Kati, tugenda kutandikawo ekintu ekipya okuva mu kino, tugenda kutandikawo Abaluzalaani." Oluvannyuma ne wajja Abangirikaani, n'Ababaputisiti, n'ab'enzikiriza y'aba Campbell, n'ab'enzikiriza ya Church of Christ, n'omulabe wa Kristo, n'ebirala byonna. Mukiraba, bonna baatandika okugenda, ekimu nga kigoberera kinnaakyo, n'ekirala ne kigoberera kinnaakyo, nga bakola ebibiina by'amadiini n'ebibiina eby'obuntu. Ekyo si kye baalina okukola. Mulaba kye bakola? Baddamu nate okukuba Olwazi omulundi ogw'okubiri, nga bagezaako okubaako ekintu ekipya kye batandikawo. Tetwetaaga njigiriza mpya.

179 Buli muntu yenna mu Bayibuli yabatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Buli muntu yenna mu Bayibuli eyafuna Omwoyo Omutukuvu, yajja mu kkubo lya Katonda, mu ngeri yennyini Katonda gye yakikolamu. Baakola ekintu kye kimu. Baalina obumanyirivu bwe bumu. Obubonero bwe bumu obwabagoberera. Emirimu gye gimu egyabagoberera. Lwaki? Baabeerawo nga beesigama ku Lwazi. Baalina Amazzi ge gamu.

180 Era, leero, ensonga lwaki tulina ebikwate by'enzikiriza bingi n'ebibiina by'amadiini, eri lwakuba tutandikawo ekintu ekipya. Tetwetaaga kintu kipya. Muddeeyo!

181 Musa teyalina kukuba Lwazi mulundi gwa kubiri, kutandikawo kintu kipya. Yali alina kwogera gye bali, ku Lwazi nnakabala. O, ka nsuubire ekyo mukitegeera! Musa yali alina kwogera ku Lwazi nnakabala, olwakubibwa; si kugezaako

kuddamu kulukuba, si kugezaako kutandikawo kintu kipya, wabula yali alina kwogera eri Ekintu eky'edda ekikadde!

182 Ayi Katonda, onnyambe! Oba ndifa nga masiikiini, mu kituuti, nja kwogeranga ku Lwazi luli olwasooka! Nja kwogera ku bumanyirivu obwasooka. Nja kwogera ku Byawandiikibwa nnakabala ebyabawa okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, "Mwenenye, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi, munaafuna ekirabo nga ye Mwoyo Omutukuvu." Okubeerawo okw'Amazzi agakulukuta bulijjo okuva mu Lwazi kukyali naffe. Kujja kuleeta ekintu kye kimu. Kujja kuleeta okwolesebwa. Kujja kuleeta okuwonyezebwa. Kujja kuleeta obunnabbi. Kujja kuleeta buli kintu kye baakola.

183 Isiraeri bwe baakomawo nate mu Byawandiikibwa, ne bakomawo mu kkubo, baasomoka ne bagenda mu nsi ensuubize. Naye kyabatwalira emyaka ana.

184 Abapentekoote bamaze emyaka ana oba ataano, nga babungeetera mu ddungu. Mukomeewo eri Olwazi! Weeruli. Luuluno wano, luwandiikiddwa wano wennyini mu Kigambo. Omwoyo Omutukuvu ali wano akola ekintu kye kimu bulijjo ky'Azze akola, n'olwekyo Okubeerawo kw'Amazzi agabeerawo bulijjo kuli wano. Mukomeewo bukomi eri Amazzi ago, mukomeewo eri kiri nnakabala, ekyasooka. Kyali kitya mu kiri nnakabala?

185 "Kati, baakwatagana mu ngalo n'omubuulizi"? Tewaaliwo kintu nga ekyo. "Baabatizibwa mu linnya lya 'Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu'"? Tewaaliwo kintu nga ekyo. Tewali muntu n'omu mu Bayibuli, awantu wonna, oba ebweru, w'emyaka ebikumi bisatu mu Bayibuli, yabatizibwa mu linnya lya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu." Eyo njigiriza eyagunjibwaawo Obukatuliki, si njigiriza ya Bayibuli. Mukiraba?

186 Baalina Omwoyo Omutukuvu. Obubonero buno bwagobereranga abo abakkiriza. N'olwa leero bujja kuddamu bubagoberere. Olwazi olwo lukyali lulamu nga bwe Lwali, Olwazi olwo olwakubibwa!

187 Leka tuleme kugamba nti, "Kati, jangu weegatte ku kkanisa yaffe ey'Abapentekoote, oyingire mu Bapentekoote." "Nedda, jangu weegatte ku Babaputisiti, oba Abamesodisiti, oba Abapulesibeteriyani, oba Abakatuliki." Ekyo kiki? Okwo kuba kukuba Lwazi mulundi gwakubiri, nga mugezaako okutandikawo ekintu ekipya.

188 Mubagambe, "Mwenenye, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo," olw'okuggyibwako ebibi byabwe, "n'obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." Kati awo obeera okomyeewo mu kkubo, eri Amazzi ge gamu. Amazzi ge gamu gajja kuleeta okubeerwa kwe kumu. Gajja kuleeta

okukangavvula omubiri mu ngeri y'emu. Gajja kuleeta amaanyi agalongoosa ge gamu. Gajja kuleeta amaanyi agawonya ge gamu. Gajja kukola ekintu kye kimu kyennyini kye gaakola mu kiseera kiri, ssinga tunaakomawo eri Omwoyo y'omu.

189 Obulamu mu muzabbibu bujja kubala mizabbibu. Bwe guba gwakikola omwaka oguyise, gujja kukola ekintu kye kimu n'omwaka guno. Eryo ly'etteeka lya Katonda. Etteeka lya Katonda ligamba nti, guno bwe guba muzabbibu, guleke, gujja kubala mizabbibu. Osobola okutabika olulyo lwakyo n'ekintu ekirala, naye ggwe kireke kijja kuddamu kibale emizabbibu gye gimu.

190 N'olwekyo tutabisetabise ekkanisa n'enkola ey'Ekipentekoote, n'ey'Ekibaputisiti, n'ey'Ekimesodisiti, n'Ekipulesibeteriyani, ne—n'enzikiriza y'eky'Angirikaani, na buli kabondo ka nzikiriza. Lwaki temugireka? Mukomeewo eri Omuzabbibu, gujja kukomawo ku Maanyi ge gamu. Amiina! Amiina! Ekyo nkyagala nnyo.

191 "Okutandikawo ekintu ekipya." Ky'ekintu kye kimu kye tukoze. Si kugezaako kulaga buyinza bwaffe. "Dokita *Gundi* ye mutandisi w'ekkanisa ennene *Gundi* eya *bagundi*." Ekyo si bwe kyali.

192 Ekyo Musa kye yayogera nti, "ŋŋenda kubalaga kye nsobola okukola. Mu buli ngeri, ŋŋenda kugaleeta!" N'alukuba, ne gatajja. N'addamu n'aleekaana, "Nteekwa okubalaga kye nsobola okukola!" Katonda yamukangavvula olw'ekyo.

193 Leka kulowooza nti, ojja "kumala geekwata ku kibiina kya ddiini." Katonda ajja kukukangavvula olw'ekyo. Ekyo ddala bwe kiri. Oteekwa okukomawo ku kiri nnakabala. Komawo.

194 Ggwe yogera bwogezi eri abantu. (Tobagamba mbu, "Mujje mwegatte ku kkanisa yaffe. Mwatule ekikwate ky'enzikiriza yaffe.") "Mukomeewo mwenenye, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okuggyibwako ebibi byammwe; munaafuna ekirabo nga ye Mwoyo Omutukuvu, omutima gwo bwe guba mulongoofu. N'obubonero buno bunaagoberera abo abakkiriza. Ekibiina ky'abakkiriza, obubonero buno bunaagendanga nabo." Kubanga lwaki? Olwazi, Olwazi olwakubibwa n'Amazzi Ge ag'Obulamu bikomawo nate, nga bivaamu ekintu kye kimu kye Yakola mu kiseera kiri. Teruyinza kukyebeera. O, weewaawo.

195 Twagala okweraga, nga tugamba nga bwe, "Tuli Abamesodisiti, n'Ababaputisiti."

196 Ggwe yogera bwogezi eri Olwazi, Bulijjo Ye waali. Togezaako kulwegattako. Nnabadde "ndwegasseko" emmanga wano. Togezaako kulwegattako. Kino tosobola kukyegattako, ago ge mazima. Osobola okwegatta ku Bamesodisiti, osobola okwegatta ku Babaputisiti, osobola okwegatta ku Bapentekoote, osobola okwegatta ku Abangirikaani, naye Kino tosobola kukyegattako. Nedda. Kino kirina kukujjuzibwamu. Tokyegattako; wabula

leka kikujjulemu. Ky'ekyo kyokka. Ojjuzibwa na ki? Ojjuzibwa Amaanyi, ojjuzibwa Omwoyo, ojjuzibwa Obulamu, ojjuzibwa essanyu, emirembe, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obukkakkamu, obulungi, Amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwo, kubanga Okubeerawo okw'emirembe gyonna weekuli. Mujjukire.

Nnina okumaliriza kubanga obudde buyise.

197 Naye, mujjukire nti, Olwazi olwo terwabalekaako. Terwabalekaako. Ne Kristo talituleka; Kristo yagamba nti, "Ndibeera nammwe bulijjo, okutuusiza ddala ku nkomerero y'ensi." Si bwe kiri? Era Olwazi olwo lwabeera nabo olugendo lwonna okuva e Kolebu okutuusa e Nebo. Lwakikola. N'emmanga ku Yoludaani, Lwali lukyaliwo. Ayi Katonda wange, njagala ndulabe ku Yoludaani!

198 Musa, bwe yali ku Yoludaani, Olwazi lwali wamu naye olugendo lwonna. Era yali ayimiridde waggulu eyo, nga atunudde eky'emmanga ku—ku kibiina ky'abantu abaali baddirira ne bava ku Katonda. Omutima gwe gwali gubalumirirwa. N'atunula emitala wa Yoludaani. Nga ali awo ku Yoludaani. Yoludaani, ey'omwoyo, gye njogerako. Wuuyo nga ayimiridde awo, nga okufa kumusemberedde. Naye bwe yatunula, awo ku mabbali ge agenda okulaba nga waliwo Olwazi. Yalinnya bulinnya ku Lwazi, Bamalayika ne bajja, ne bamutwala.

199 "Sirikuleka so sirikwabulira." Ebiseera ne bwe byeyongera okukaluba, ne bwe tweyongera okukaddiwa, ne bwe tufa okufa okw'engeri yonna, jjukira kimu nti, Olwazi lujja kubaawo ku Yoludaani. Terulituleka so terulitwabulira. Ekyo mukijjukire. Amazzi ago Agabeerawo bulijjo okuva mu Lwazi gajja kubeera naffe okuyita mu lugendo lw'obulamu lwonna, ne ku Yoludaani.

200 Leka tukoteke emitwe gyaffe. [Ow'oluganda ayogera mu mwoyo ebigambo eby'okuzzaamu amaanyi—Omuk.]

201 Nga Omwoyo oyo bw'atambula mu makkati gaffe, Omwoyo wa Katonda nga bw'atambulira mu makkati gaffe, wayinza okubaawo omuntu yenna enkya ya leero atamanyi Kristo, nga—nga tosemberedde Lwazi olwo, nga tossa kimu nalwo enkya ya leero? Naye nga okimanyi nti weeruli. Lulabe nga lukola buli wamu, mulabe nga Atambula okwetoloola wonna, lulabe nga lutambula ku bantu. Ago ge Mazzi Agabeerawo bulijjo. Obwo bwe bulokozi. Oyo ye Mwoyo ajjuza ebikompe byabwe ne biyiika okutuusa lwe babeera nga tebakyayinza kukyebeera, nga waliwo ekiteekwa okubaawo. Naye ggwe atamumanyi, wandyagadde okuyimusa omukono gwo ogambe nti, "Nsabira, Ow'oluganda Branham. Kati njagala kumumanya. Era njagala kwogera naye, era njagala kumumanya mu bujjuvu bw'Omwoyo We. Njagala kumanya nti Ali ku mabbali gange, ekiseera kyonna. Nzikiriza nti Andi ku mabbali. Naye njagala kuba nga tussa kimu nze

naye. Era nnina ennyonta, era nnumwa enjala ku lwa Katonda. Njagala kweyongera kumumanya"?

202 Katonda akuwe omukisa, ssebo. Naawe ssebo, Katonda akuwe omukisa. Naawe, ow'oluganda. Weewaawo, ggwe, ali emabega awasemba. Ne wano wansi, nnyabo, yee. Yee, nnyabo. Emikono gyo tugirabye, ne Katonda agiraba. Katonda akuwe omukisa, muvubuka. Katonda akuwe omukisa. Naawe, nnyabo. Amiina. Katonda akuwe omukisa. Akuwe omukisa, mwannyinaze. Waliyo omulala yenna, mu kaseera katono akaakasiriikiriro. Katonda akuwe omukisa, muvubuka, ali emabega wali.

203 Mukirowoozeeko. Mukirowoozeeko, Amazzi ago Agabeerawo bulijjo okuva mu Lwazi, Omwoyo oyo y'omu; gwe Yatta bwe yakaaba ku lunaku lwe Yasalirwa omusango, bwe Yatwala omusango gwaffe. Omuggo gwa Katonda ogw'obusungu ne gumukubwa, ebibi byo ne bisibibwa mu muggo ogwo, ne gumukubwa, Omusaayi Gwe n'amazzi ne bimuvaamu. N'agamba nti, "Kitange, nteeka Omwoyo Gwange mu mikono Gyo." Era ku Lunaku lwa Pentekoote, Yajja okubeera naffe okutuyisa mu lugendo. Era kaakano Ali kumpi nnyo.

204 Towulira nga wandyagadde okugamba nti, "Mukama, mbungeetedde wala nnyo okuva awaka, kaakano nkomawo eka"? Nga bwe tuyimba oluyimba luno, naawe, bw'oba wandyagadde okutambula ojje ku wolutaali oddemu weweeyo, n'emmeeme yo, eri Kristo? Amiina.

Mbungeetedde wala nnyo okuva ku Katonda,
(Nnawaba ne nva mu kkubo.)
Kaakano nkomawo eka;
Ekkubo ery'o (Obutakkiriza, okiraba.)
nditambuliddemu ekimala,
Mukama, nkomawo eka.

Nkomyewo eka, nkomyewo eka,
Sikyaddamu kubungeeta;
Yanjuluza emikono Gyo egy'okwagala,
Kaakano, Mukama, nkomyewo eka.

205 [Ow'oluganda Branham amuumuunya oluyimba *Mukama, Nkomyewo Eka*—Omuk.]

206 Waliwo abalenzi abato basatu abavuddeyo, mangu ddala, nga amaziga gabakulukuta mu maaso, ne bafukamira ku mabbali ga wolutaali. Weewaawo, basonyiyiddwa. Baasonyiyiddwa nga tebannaba na kusituka kuva mu butebe bwabwe, bwe baakoze okusalawo mu birowoozo byabwe. Bavuddeyo ne bajja okufukamira wano, okusobola okulaga abantu, ludda lw'ani kwe bali, enkya ya leero.

207 Nnandirowoozezza nti kino wandibaddewo abantu abakulu abandyagadde okukikola, abandyagadde okufukamira wansi, ne bagamba nti, "Mukama, mbu—mbungeetedde wala nnyo

okuva mu kkubo. Mbadde n'okubuusabuusa kungi nnyo, nga n'emirundi egimu nnawaba ne ŋŋenda mu kibi. Kaakano nja—njagala kukomawo nga obudde tebunnayita nnyo. Ayi Katonda, nja—njagala kujja. Njagala kujja nfukamire wansi." Amiina.

208 Kati, buwala bwa Arthur Beam busatu, kyenkana bwonna bwenkana emyaka, nabwo buzze wano, ne bafukamira wansi.

209 Waliwo n'omuwala omuto gwe ndaba ajja eyaakafuna mwannyina omupya ewaka. Luli nnali ntudde; Muky. Wood n'ajja n'aŋŋamba, n'agamba nti mwannyinaffe ono yali agenda mu ddwaliro kuzaala. Omwoyo Omutukuvu n'agamba nti, "Genda obagambe nti ajja kuba mulenzi." Bwe yazaalibwa, yali mwana wa bulenzi.

210 Kirabika kiseera kya baana enkya ya leero, ndaba abaana abato okuva mu kibiina kya Mwannyinaffe Arnold eky'abato, nga bawaayo obulamu bwabwe. Wolutaali yonna, ku mukono gwange ogwa ddyo, wajjuddewo baana bato.

211 Kijja kuba kirungi singa tuyimbayo oluyimba, ku wolutaali, eri abantu abalala abasigadde, abantu abakulu.

Kaakano, Mukama, nkomyewo eka.

Nkomawo eka . . . (. . . ?. . .)

Sikyaddamu kubungeeta;
Yanjuluza emikono Gyo egy'okwagala,
Kaakano, Mukama, nkomyewo eka.

212 Leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera, tusabire, abaana bano abato.

213 Kitaffe ow'omu Ggulu, bwe wanabaawo olw'enkya, Yesu n'aba nga tannadda okumala emyaka emirala nga kkumi oba kkumi n'etaano, bano be bajja okuba abalenzi n'abawala abanaatwala Obubaka buno eri emirembe emirala egiriddako. Nkakasa mu birowoozo byange, ayi Mukama, nga ennaku zonna ez'obulamu bwabwe balijjukira ekiseera kino lwe bajja ku wolutaali eno. Era mayinja amatono ag'omuwendo, ayi Mukama. Emitima gyabwe emito era emigonvu girumiriziddwa enkya ya leero. Nga tebawulidde na Bubaka bwonna; kubanga babadde baakayingira, nga baakava okuwulira Mwannyinaffe Arnold nga abayigiriza; naye ne bajja wano ku wolutaali, okuwaayo obulamu bwabwe gy'Oli.

214 Kaakano, Kitaffe, nnaakamala okwogera nti tulina Omwoyo Omutukuvu munda mu ffe. Era Omwoyo Omutukuvu ono, okukkiriza n'Omwoyo ono, kye kikola ebintu byonna. Era nzikiriza nti mu kaseera kano kennyini, Obasonyiye buli kibi kyonna kye baali bakoze. Era nkusaba, n'okukkiriza kwonna okuli mu mutima gwange, Okuume obulamu bwabwe obukyali obuto okuyita mu lugendo lwonna. Leka baleme kuwaba kuva mu Kkubo.

215 Eky'amazima kino kintu ekitali kya bulijjo. Omwoyo yagambye enkya ya leero nti, tujja "kulaba ekintu ekitali kya bulijjo." Ayi Katonda, bw'Oba olekedde awo okukolagana n'abalala, twala abaana abato. Nga kyewuunyisa okuba nti enkya ya leero, mu bonna abazze ku wolutaali, temuli muntu mukulu n'omu, naye bonna abazze baana bato. Ate, nga bubadde Bubaka obw'amaanyi ennyo obuzibu okutegeera, n'eri abantu abakulu, naye abaana be basobodde okukwata Omwoyo waabwo. Tubakwebaliza, Kitaffe. Mbawaayo gy'Oli, nga omuweereza Wo, nga ebirabo eby'obuwanguzi ebivudde mu lukuŋŋaana luno; olw'okujjukira nti, Amazzi ag'Obulamu Agabeerawo bulijjo gajja kukulukutanga nabo ennaku zonna ez'obulamu bwabwe. Leka babeere n'okukkiriza kaakano mu ekyo ekigenda mu maaso mu kaseera kano, nti Katonda abasitudde okuva we babadde batudde n'abasindika mu maaso wano, nsaba babeere n'okukkiriza mu Katonda oyo ennaku zonna ez'obulamu bwabwe. Leka emyoyo gyabwe emito gisitulibwe gy'Oli ku lunaku lw'okufa kwabwe; nate gikomezebweewo mu mibiri gyabwe ku lunaku olw'okuzuukira. Babo, ayi Kitaffe. Tubawaayo gy'Oli okuyita mu Linnya lya Yesu.

216 Nga tukyakotese emitwe gyaffe. Ŋŋenda kusaba abaana bano bonna abali ku wolutaali, abakkiriza nti Yesu ye Mulokozi wammwe era Oyo Eyabagambye, bwe mwabadde emabega eri mu kibiina, eyabagambye okujja okufukamira wansi ku wolutaali eno. Mukkiriza nti Yesu abaagala era nti asonyiwa ebibi byammwe? Mwenna njagala muyimirire mukyuke erudda eno mutunuulire ekibiina. Eno, y'engeri gye musobola okutegeeza abantu nti Yesu abalokola. Kati muyimirire ku bigere byammwe, bwe mutyo, mukyuke mutunule eri ekibiina. Mmwe mwenna abalenzi abato n'abawala abaagala Yesu, muyimirire mukyuke mutunule eri ekibiina, buli omu ku mmwe.

217 Ate mmwe abawala abato abali wano mu maaso? Mukkiriza? Yesu mumwagala? Abawala bano abato abali wano, mwagala Yesu n'omutima gwammwe gwonna? Omwagala? Omwagala? Omwagala, mukwano? Muyimirire wano, abantu bategeere nti mwagala Yesu. Katonda abawe omukisa.

218 Kaakati leka tukyuke tutunule *eno* tuyimbire abantu bano nga tetunnagenda, "Yesu anjagala! Kino nkimanyi, kubanga Bayibuli bw'etyo bw'eŋŋamba." Mukiraba? Leka tuyimuse emikono gyaffe kaakano nga bwe tuluyimba. Kale, leka tuluyimbe.

Yesu anjagala! Kino nkimanyi,
Kubanga Bayibuli bw'etyo bw'eŋŋamba;
Abaana abato bonna babe,
Weewaawo banafu . . .

219 Kati muyimuse emikono gyammwe waggulu . . . ? . . . Ffenna wamu:

Weewaawo, Yesu anjagala,
Weewaawo, Yesu anjagala,
Weewaawo, Yesu anjagala,
Bayibuli bw'etyo bw'eŋŋamba.

220 Kati mmwe mwenna muddeemu ebigambo bino: Nzikiriza nti Yesu Kristo ye Mwana wa Katonda. Leero, mmukkiriza nga Omulokozi wange. Okuva leero, okweyongerayo, nja kumwagala era nja kumuweereza. Amiina.

221 [Ow'oluganda Ben Bryant agamba nti, "Ow'oluganda Branham, nange nnina abaana abato nga bana ku mutima gwange mu kaseera kano. Osobola okubasabira?"—Omuk.] Weewaawo nsobola okubasabira, Ow'oluganda Ben.

222 Kitaffe ow'omu Ggulu, omusajja ono bw'alabye abaana abalala abato nga bajja eri Kristo, nga taata, alumwa era akaaba ku lw'abaana be. Na bwe kityo tusaba nti Omwoyo eyaleese abaana bano ku wolutaali, leka Omwoyo oyo y'omu alokole abaana be, ayi Mukama. Kikkirize. Tubawaayo gy'Oli, ayi Kitaffe, mu Linnya lya Yesu Kristo.

223 Kaakati mmwe abato nga bwe muddayo mu bifo byammwe, njagala buli ali mu lukuubo olwo akwate ku baana abo mu ngalo, oba abasiisiitire ku kibegabega nga bwe baddayo. Mwenna muddeyo mu bifo byammwe, nga muyita wano *eno*. Era leka buli muntu ali awo asiisiitire ku baana abo ku kibegabega. Era tubaagala n'emitima gyaffe gyonna. Muli bitundu ku Mubiri gwa Kristo, muli kitundu ku Gwo nga buli omu ku ffe.

Tukumba tugenda mu Sayuuni,
Sayuuni ekirungi, okuzaama;
Tukumba nga twambuka mu Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda kiri ekirungi.

Mujje, twegatte wamu fenna abaagala Mukama waffe,
Era leka essanyu lyaffe limanyibwe,
Twegatte wamu mu luyimba mu mwoyo omu,
Twegatte wamu mu luyimba mu mwoyo omu,
Twetooloole Entebe,
Twetooloole . . .

Okwo kuyimba kulungi nnyo! Kaakano leka tuyimuse emikono gyaffe.

Tukumba tugenda mu Sayuuni,
Sayuuni ekirungi, okuzaama;
Tukumba nga twambuka mu Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda kiri ekirungi.

Kaakano leka tukwataganeko mu ngalo nga bwe tuluyimba.

Tukumba tugenda mu Sayuuni,

Sayuuni ekirungi, okuzaama;
Tukumba nga twambuka mu Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda kiri ekirungi.

224 Kati leka tuyimirire nga tukotese emitwe gyaffe, nga bwe. . . Genda mu maaso nga olukuba Ow'oluganda Teddy, kale. . .

225 Nninawo wano ebyetaago eby'okusabira, n'obutambaala n'ebirala. Byandiba nga byavudde mitala w'amayanja. Billy yabadde aŋŋamba nti balina omugogo gw'obugatto okuva eri omwana omuto mu Bungereza, nga bwenkana nga bwe *buti* obuwanvu, nga ka bambi konna kaagongobala. Kale, ensonga eyo nayo tulina okugisabira.

226 Kale nno. . .[Ow'oluganda Ben Bryant agamba nti, "Ow'oluganda Branham, bambi nsonyiwa okukulya ekimuli, naye nkusaba osabe nti, yenna eyakoonye emmotoka yaffe ekiro kya jjo, ku kibikka ku mupiira ku mukono ogwa ddyo, nsaba ategeerebwe. Nkusaba osabe Mukama akibikkule."—Omuk.] Amiina, Ow'oluganda Ben, weewaawo ŋŋenda kusaba. [Ow'oluganda Branham amuumuunya oluyimba nti *Tugenda Tugenda Mu Saayuuni*.]

227 Nga bwe tukumba, ayi Mukama, tukimanyi nti Olwazi olwakubibwa lutambula naffe, Amazzi ago okuva mu Lwazi Agabeerawo bulijjo gatambulira wamu n'Ekkanisa. Ai Katonda Ataggwaawo, tusumululire, enkya ya leero, okukkiriza mu Katonda ono ali naffe. Mmanyi nti Ojja kukikola, ssinga tufuna okuganja okuva gy'Oli, Osobole okutwesigisa Amazzi ago. Singa Ogatuwa mu bungi, tuyinza okugakozesa mu ngeri enkyamu, Mukama. Naye bwe tunaalaba ekisa okuva gy'Oli, leka kibeewo.

228 Muganda waffe agambye nti waliwo eyakoonye emmotoka ye. Ayi Katonda, tumanyi nga omusajja talina ssente za kukola bintu bino. Nkusaba Olumirize omuntu oyo eyakikoze, oba kyonna ky'ali, yeenenye olw'okukola ekintu kino, ajje agambe nti, "Ow'oluganda, emmotoka yo ŋŋenda kugitereeza, nze nnakikoze." Yamba Ow'oluganda Ben n'abaagalwa be.

229 Wano mu ngalo zange nnina obutambaala n'eby'okusabira, nga bannyini byo balina okukkiriza mu Katonda oyo. Musa yalina okukkiriza mu Katonda oyo, era n'asomoka ennyanja. Danyeri yalina okukkiriza mu Katonda oyo, era n'aggyibwa mu bunnya bw'empologoma. Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneego, baamulinamu okukkiriza, ne bazikiza omuliro.

230 Pawulo yamulinamu okukkiriza, era lumu enkuŋŋaana bwe zaali enkalubo ennyo nga Pawulo tasobola kutuuka ku buli muntu, yakwata bukwasi katambaala, n'agamba nti, "Nzikiriza nga Katonda ali nange." N'ateeka emikono ku butambaala n'ebiremba, era emyoyo emibi ne giva ku bantu, n'endwadde n'enyimbe ne bibaamuka. Ayi Katonda, nange nnina okukkiriza mu Katonda y'omu oyo. Leka obubi bwamuke. Endwadde, n'ennyimbe, n'okunyigirizibwa, leka bigende, ayi Mukama.

231 Ye ggwe Katonda y'omu eyayogera nange emmanga eri mu Mpagi y'Omuliro, ku mugga. Ye Ggwe eyakkiriza okukubibwa nange ekifaananyi ekitimbiddwa waggulu wano, ku kisenge. Oli wamu naffe, Mukama. Obeerawo buli kiseera, Empagi y'Omuliro y'emu eyo. Era tuwoomeddwa Amazzi okuva mu Lwazi buli lunaku, nga tugattiddwa wamu mu Mwoyo. N'olwekyo, w'Oli wano. Tukulinamu obwesige, Mukama. Tulina okukkiriza mu Ggwe. Tukkiriza nga Onaatufukako amafuta era onaatuyamba. Si lwa kitiibwa kyaffe, ayi Mukama; awo tuba tujja kubeera nga Musa, bwe yakola ekintu ekikyamu. Twagala okubaako ne kye tukola okukuyamba, Mukama. Ekyo kye kigendererwa ky'emitima gyaffe, kukuyamba, bwe tuba tusobola okukikola. Kitulage, ayi Kitaffe, kyonna ky'Oyagala tukole.

232 Era kaakano, olw'ekikolwa eky'okukkiriza, nnenya endwadde obutambaala buno bwe zikiikirira, wamu n'ebyetaago bino. Bigenda kuva ku bantu. Mmanyi nga Ojja kukikola, ayi Mukama. Nkikkiriza, mu mutima gwange, nti Ojja kukikola. Wonya endwadde zonna eziri mu makkati gaffe enkya ya leero.

233 Lokola abo abaayimusizza emikono gyabwe, nga bagamba nti baagala kujja eri Olwazi, okufuna Amazzi. Ai Katonda, leka babeere n'ennyonta nnyingi leero, leka wabeewo obulamu obujjuddemu omunnyo okubeetooloola, okutuusa lwe bunaabaleetera okulumwa ennyonta ku lwa Kristo. Kikkirize.

234 Beera naffe akawungeezi, Kitaffe. Ai Katonda, leka nzuule, okuyita mu byetaago bino, ekiri ku mitima gy'abantu. Bwe waba tewali kintu kyonna kye balina ku mitima gyabwe, kale, ayi Mukama, mpa eky'okubuulira eri emitima gyabwe akawungeezi.

235 Wa omukisa Ow'oluganda Neville, ne mukyala we, n'ab'enju ye; ekkanisa yaffe entono, abayima baffe, abadiikoni baffe, ba mmemba baffe. Wamu n'Omubiri Gwo buli wamu, beera naffe, ayi Kitaffe. Bino tubiwaayo mu mikono Gyo, mu Linnya lya Yesu Kristo.

. . . Saayuuni;
Tukumba nga twambuka mu Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda kiri ekirungi.

Kati ka tuluyimbe, mu mazima ddala nga tulutegeeza, tulumuyimbire kaakano. Mukiraba?

Mujje, twegatte wamu fenna abaagala Mukama waffe,
Era leka essanyu lyaffe limanyibwe,
Twegatte wamu mu luyimba mu mwoyo omu,
Twegatte wamu mu luyimba mu mwoyo omu,
Twetooloole Entebe ey'Obwakabaka,
Twetooloole Entebe ey'Obwakabaka.

Nga emitima gyaffe givunnamye kaakano.

Tukumba nga tugenda mu Sayuuni,

Sayuuni ekirungi, okuzaama;
Tukumba nga twambuka mu Sayuuni.
Ekibuga kya Katonda kiri ekirungi.

61-0723M Amazzi Agabeerawo Bulijjo Okuva Mu Lwazi
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org